Abaebbulaniya,
Essuula Ey'Okusatu

Mwasuze mutyanno, ab'emikwano. Kya mukisa okubeera wano enkya ya leero mu kuweereza Mukama. Era tusuubira n'okwesiga nti tugenda kuba n'ekiseera ekirungi ddala.

2 ŋŋenzeeko mu. . .gye twayitanga woofiisi y'abadiikoni, ebyuma ebikwata entambi mwe biri kati, era mbadde njogera n'omuwala omu wamu ne maama we, abavudde e Joliet, mu Illinois. Era mbadde ndowooza ku muwala oyo bw'ali ekibala ky'ekisa kya Katonda ekyewuunyisa. Abasinga obungi ku ffe aba wano tumumanyi. Yali mu—mutamiivu lujuuju, omu ku basinga okuba obubi. Era mbadde ssiwuliranga mboozi ye mu bujjuvu okutuusa enkya ya leero, ku ngeri gye yavaamu ku kituuti. Mukama yali amubikkulidde byonna ebyali byasoba n'ebyali bigenda okubaawo. Era yava ku kituuti, nga akaaba nga bw'ajaganya kubanga Katonda yali amutaasizza o—okufa ettamiiro. Era n'a. . .Waliwo omukyala eyajja w'ali n'atandika okukaaba, nga agamba nti muwala we, nzikiriza yali muwala we, nti yali yawambibwa okunywa enjaga. Era mumanyi ekyabaawo, olw'ekisa kya Katonda, omuwala oyo yayitibwaayo (nzikiriza, akawungeezi akaddako, nga Rosella, yayitiddwaayo ggulo limu?), era omuwala oyo, n'awonyezebwa okuva mu kukozesa enjaga. Era kati ye ne bba babuulira Njiri. Kale—kale—kale kyewuunyisizza ddala okulaba omukyala nga Rosella, ate nga munywevu bulungi! Era kati leero, mukyala wa kitiibwa ddala, alina ne. . .awulira okuyitibwa mu mutima gwe. Naye, kuba amanyi Bayibuli bw'eyigiriza ku bakazi okubeera ababuulizi, olaba, akimanyi nti okuyitibwa kwe kulala. Era Katonda amuluŋŋamya okugenda mu makomera n'awalala, okuwa obujulizi.

3 Kirungi nnyo oku—oku—okumanya, okunoonya okutegeera Katonda ky'ayagala okole. Oluusi tugenda ne tuba n'enneewulira, naye ate ennewulira eyo ne twagala tugitwale mu bifo eby'enjawulo; naye bw'oteegendereza, enneewulira eyo ssetaani ajja kugikwata agikyamye agikolemu ekintu ekirala. Naye kasita tusigala mu Bayibuli, tuba batuufu, mukiraba, tuba tutambulira mu kwagala kwa Mukama waffe kwennyini.

4 Kale nzikiriza nti—nti Rosella ajja kukomekkereza aliko ebifo wabweru eyo gy'agenda mu buminsani, kubanga Amerika yo tekyayagala Njiri.

Ekyo mukimanyi. Ekyo ky'ekiseera tukkirize, nti, abantu bano Abazungu tebakyalina lugendo. Ekyo kyo bwe kiri. Tekyali

Njiri esingako awo Amerika gy'enaasembeza. Weewaawo, ofunayokko abalokoka, wano ne wali. Naye, ku kikwatagana n'Enjiri, eyo tewakyali. Era tokyayinza na kubabuulira, wadde okwogera gye bali. Tebajja kukkiriza. Olaba? Balina endowooza zaabwe mwe baakakanyalira emitwe, era tebaseguka.

Era eggwanga lino kye lyolekedde gwe musango. Ogwo nagwo, liteekwa okugufuna. Guyinza okujja okuyita mu katuubagiro k'eby'enfuna. Guyinza okujja okuyita mu bbomu nnamuzisa. Guyinza okujja okuyita mu kawumpuli omubi ennyo, ekirwadde oba ekintu ekirala kyonna, naye gwengedde. Gujja. Era enkumi n'enkumi bajja kufa.

5 Eggulo, nze n'Ow'oluganda Zabel, tulina we twayise, oku. . . n'Ow'oluganda Wood, nga tuva mu Kentucky, gye tubadde okumala ennaku ssatu, ne tuyita awaabadde pulojekiti y'amayumba agazimbibwa. Ow'oluganda Zabel n'agamba nti, "Tewali. . . " Nneerabidde. "Tewali n'omu ku bantu abo, abakola mu pulojekiti eyo, agenda mu kkanisa yonna."

6 Ggwe babuuze ku by'okugenda ku kkanisa. "Naye, ffe tulina ttivvi yaffe. Y'etuwummuza ebirowoozo." Mukiraba? Eyo y'endowooza y'Ekimerika. Okiraba? "Tulina ttivvi. Ssente tuzirina mu bungi. Tulina emmotoka ez'ebbeeyi, tulina amaka amalungi. Mukama twetaaga waaki? Ebyo tetubyetaaga." Eyo y'endowooza gye balina.

7 Kale ebikwata ku ddiini n'obulokozi byokka bye tulina, n'okwagala, obisanga mu bantu ddala abatya Katonda. Mukimanyi nga, Bayibuli egamba nti ekyo kiribaawo. [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Uh-huh. Mmwe abasomi ba Bayibuli, mbawulidde nga muddamu n'amaanyi nti "Amiina," naawe omubuulizi erudda awo. Era, ekyo bwe kiri. Okwagala kujja kuba kwa munguuba, mu nnaku ez'oluvannyuma; okwagala kwokka okunaasigalawo, kujja kuba kusangibwa mu makkati g'abantu ba Katonda Abalonde mwokka. "Taata aliba alwanagana ne maama, nga maama alwanagana ne taata, nga abaana balwanagana ne bazadde baabwe, n'abalala nga balwanagana ne bannaabwe." Era okwagala kwokka okunaasigalawo, kujja kuba kw'abo Abalonde, abo bokka Abaalondebwa. Ekigambo ekyo "Abalonde" kiva mu kigambo "Abaalondebwa," abantu ba Katonda abaalondebwa.

8 Kati Rosella bw'abadde annyumiza obulamu bwe mu kasenge wali, emabegako awo, mbadde ndowooza muli, nti, akawungeezi ako, aŋŋambye nti waliwo ekyabaawo. N'agamba n'okugamba, nga obulamu bwe bwonna, bw'abadde mu mbeera ey'ettamiiro, nga mutamiivu waddanga, atasobola na ku, n'ekibiina ekibudaabuda abatawaanyizibwa omwenge ki Alcoholics Anonymous, n'abasawo bana nga baamulemwa, nga tewali kiyinza kukolebwa, naye, nti okuva mu kaseera ako kennyini, waliwo ekyabaawo.

9 Era kati takyalungula maaso nga luli. Kati mukyala omuto ow'emyaka asatu mu esatu, alabika obulungi ennyo, gw'oyinza n'okulowooza nti wa myaka abiri mu ebiri; era nga kyava ku ekyo Katonda kye yamukolera, era kati enfaanana ye ya njawulo ddala. Era, naye nnamugambye nti, "Rosella, akaseera ako, Katonda yali yakakutegekera, nga n'ensi tennatondebwa." Yee, ssebo. Mukiraba? Bwe kiri. N'omuto Billy Paul ali emabega wali, w'ali, bwe yali agaba kkaadi z'ab'okusabirwa ku olwo akawungeezi, teyamanya na kumanya ani gwe yali awa kkaadi ya kusabirwa.

Si kirungi nnyo, Rosella?

[Mwannyinaffe Rosella Griffith agamba nti, "Ow'oluganda Branham, ssimanyi oba ekkanisa esobola okutusabira Katonda atuluŋŋamye, nga bwe yalaga bw'Ali ow'amaanyi."—Omuk.]

Amiina. Mukama akuwe omukisa, Rosella. Ekyo nkakasa nga tujja kukikola. Ayagala ekkanisa emusabire Katonda amuluŋŋamye. Asobole, okugoberera omukono Gwe ogutajjulukuka. O, ekyo kirungi nnyo.

10 Enkya ya leero, waliwo ekiteeso ekikakali ekiteekeddwa mu maaso gange. Waliwo naggagga omu, alina obukadde n'obukadde bw'obukadde bwa ssente ayagala okubaako ne by'akolera wano mu Louisville, Kentucky, anzimbire n'ekkuŋŋaaniro lya bukadde bwa ddoola butaano. Naye waliwo ekintu mu mutima gwange ekiŋŋambye nti, "Lindako, toli musumba." Okiraba? Kale, mazima ddala, obukadde butaano obwa ddoola bwe bwandibadde buweebwaayo nga omutemwa ogw'okukola omulimu ogwo. Kati mu kifo ky'okugenda mu gavumenti, okusasulira emisolo gya wisiki n'ebintu bwe bityo, naye ye ayagala kuziteeka mu kuzimbira Mukama kkuŋŋaaniro. Naye nsuubira omukisa ogwo gunaabaako ew'omuweereza wa Katonda omu gye gugenda . . . zibeeko omulimu gwa Katonda gwe zikola. Naye kati, obwo buli obukadde butaano obwa ddoola obuteereddwa ku mabbali. Kirowoozeeko, olabe ekkuŋŋaaniro lye bwandizimbye bwe lyandifaananye.

Ekyo olaba bwe kisikiriza okukamala, Rosella? Naye munda *muno* mulimu ekikontana nakyo. Okiraba? Okiraba? Waliwo ekiri munda *muno*.

11 Eri mmwe abagenyi, tukuŋŋaanira, mu kkuŋŋaaniro lino ekkadde. Kati, kino kyandibadde ekifo ekitemagana mu masaŋŋanzira gano, naye temukimanyi bumanya, nti waliwo abantu ab'enjawulo abaagaddenga okuzimba ekifo kino n'okukiyooyoota. Naye bwe tuti bwe tukyagala. Mulaba, bwe tuti bwe tukyagala. Entebe enkadde kwe tubadde tutudde wali eri, ze—ze ntebe ezaasookera ddala mu kkuŋŋaaniro wano, ezaayita mu mataba agaaliwo ne ziseeyeeyeza waggulu ku mazzi.

12 Bayibuli yange yali yeebikudde *bw'etyo* nga eri ku kituuti. Ne kisitulibwa waggulu okutuukira ddala ku ssiiringi

oluvannyuma ne kikka nga Yeebikkudde n'Ekigambo ekigamba nti, "Nze Mukama nze nnalusimba. Nnaalufukiriranga amazzi emisana n'ekiro omuntu yenna aleme okulusikula okuva mu mukono Gwange." Amazzi ago twalina kukozesa kaato okugasaabala, *wano*. Era oluvannyuma kyamala ne kidda wansi mu kifo kyakyo, n'entebe ne ziddayo mu bifo byazo ebituufu. Kyokka kye baalina okukola kwe kuzikuuta ne zitukula ne tugenda mu maaso. Mukiraba? Mukiraba? N'olwekyo bwe tuti bwe tukyagala, nga kifo eky'abantu aba bulijjo, kifo ekya bulijjo, ekirimu Mukama omulungi atenkanika. Amiina.

13 Kati, leero, tulinawo ku, tutandika butandisi okukwata ku lububi, omanyi, oluvannyuma lw'a—amata gonna okuggyibwamu, ne wasigala lububi lwokka. Ate mujjukire, nti amata ge gakola olububi, nga bwe mumanyi. Olu—olububi luva mu mata.

14 Kale twayiga ku ssuula 1, ey'oku 2, era kati tumalako ey'oku 3, tutandike essuula ey'oku 4 ey'Ekitabo ky'Abaebbulaniya eky'ekitiibwa. Era, ha, mu Kitabo kino nga mubadde okuyigiriza okw'ekitalo! Tusobola okukisigalako, nga tuli ku lunyiriri lumu lwokka, okumala emyezi esatu, ne tulaga nti Bayibuli yonna mu bulamba bwayo ekwatagana na buli lunyiriri oluli mu Bayibuli. Ekyo mwali mukirowoozezzaako? Tewali lunyiriri na lumu lw'oyinza kunokolayo, ne kiba nti, olw'ekisa n'okuyambibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, ne tutalukwanaganya wonna okuviira ddala mu Lubereberye okutuuka mu Kubikkulirwa.

15 Teriiyo kiwandiiko kirala kyonna kyali kiwandiikiddwa kisobola kukola ekyo. Ka kibeere mu kubala, ne mu jogulaafiya w'ensi, ne mu ngeri endala yonna, teriiyo Kitabo mu Bayibuli kyawandiikibwa nga Bayibuli . . . Teriiyo kitabo n'ekimu mu nsi yonna, manyanga, kyawandiikibwa nga Bayibuli. Teri n'ekimu. Ekibalo ky'omu Bayibuli kikwataganira ddala bulungi; ka zibeere essuula, ka bubeere obubonero bw'empandiika, na buli kimu, byonna bikwatagana bulungi. Teriiyo kitabo kirala kyonna; ky'oyinza kusoma ssuula yaakyo ne kiteekuba mpawa. Naye mu Bayibuli yonna temuliimu we yeekuba mpawa. Ate nga kyawandiikibwa abantu bangi, nnyo, nnyo ddala; era nga beesudde ebikumi, n'ebikumi, n'ebikumi by'emyaka, nga buli omu tamanyi yadde akatundu . . . Omu yagiwandiikira *wano*, omulala n'agiwandiikira *wano*, ate omulala n'agiwandiikira *wano*. Byonna bwe byakuŋŋaanyizibwa wamu, ne Bikola Bayibuli ya Katonda. Era tewali n'ekimu kikontana na kinnaakyo, era, tewali, tewali kibalo kyonna, wadde jogulaafiya. Ekintu ekirala kyonna mu Bayibuli, buli kimu kyonna, ka gibeere emiwendo, byonna bikwataganira ddala. Ekyo bwe kiba tekyaluŋŋamizibwa, mba ssimanyi, kiki ky'oyita kuluŋŋamizibwa? Ndi musanyufu nnyo olwa Bayibuli ey'edda, ey'omukisa.

16 Abamu bambuuza nti, "Oli Mukatuliki? Oba oli wa nzikiriza ezaawakanya Obukatuliki?"

Kko nze, "Ku byombi siri n'ekimu. Nzikiriza Bayibuli." Kye kyokka. Nzikiriza Bayibuli, era ndi musanyufu okuba nti tukyalina eddembe okugibuulira mu ggwanga lino. O, Nnungi nnyo.

17 Kati tugenda kuyiga okuva mu Yo. Era kati tugenda kubikkula mu Kitabo ky'Abaebbulaniya tutandike n'essuula ey'oku 3. Era twakoma ku lunyiriri olw'e 15. Era kati mmwe mwenna . . .

18 Nnina gwe ndabye awo, nga anneekaliriza, bwe nkutte gaalubindi zange ezisoma. Tekiri nti amaaso gange tegakyalaba, wabula ensonga eri nti nsussizza emyaka amakumi ana. Nsobola okubisoma, *wano* wennyini, n'amaaso gange gokka, naye mbisoma bulungi okusingawo bwe mba nnyambadde gaalubindi. Kale bankolerayo gaalubindi ez'okusoma ze njagala nkozese, kubanga awo mba nsobola okubisoma obulungi ddala ate era mu bwangu. N'olwekyo eyo y'ensonga lwaki nzirina. Kati mu . . .

19 Kati okusooka, twagala tusseewo omusingi omutonotono, kubanga wayinza okubaawo abagenyi mu makkati gaffe, abatannafuna kitundu kisooka eky'Ekitabo ky'Abaebbulaniya.

20 Ye ggwe Muky. Cox, ggwe ndaba atudde wano eno awasemba? Weewaawo, nsanyuse nnyo okumulaba. Nga ssinnatandika, ka mbeeko obujulizi bwe mbawa obukwata ku kisa kya Katonda. Ono ye mukazi oli kkookolo gwe yali yalya obwenyi. Ye maama wa Mwannyinaffe Wood. Era nnali mu Michigan ne Gene ne Leo, n'abalala, nga bakwata entambi. Tuba tukomawo eka, mukyala wange n'ankubira essimu, manya ne mmukubira essimu. N'aŋŋamba nti, "Yingirirawo mu kusaba ku lwa Muky. Cox, maama wa Muky. Wood, kubanga kkookolo amalawo obwenyi bwe." Yali alidde oludda lw'eriiso olumu nga atuuse ku ggumba, nga aliddeko n'oludda lwa ffeesi ye, nga yeeyongera okusaasaana. Waliwo omusawo alina kye yakola, ate n'ayongera kumusajjula busajjuzi, ne yeeyongera okusaasaana; waliwo eddagala lye yamuteekamu.

21 Era baamuleeta e Campbellsville, mu Kentucky, okutuuka e . . . manya, kirabika yali mu, Acton, Kentucky, ne bamuleeta e— e Louisville, afune obujjanjabi.

22 Kale Muky. Wood, omulundi gwange gwe nnasookera ddala okumulaba yali akeŋŋentereddwa. Kubanga, weewaawo, ono—ono—ono maama we, era mu buli ngeri yalina okuwulira nga akeŋŋentereddwa. Era nnayingira mu kasenge ne mmusabira, n'obugumu nti Katonda yagamba Anaayanukulanga okusaba. Era waayitawo ennaku ntono, ne bamusiibula. Era kati wuuyo atudde awo. Nga kisa kyokka ekyewuunyisa, olw'ekyo kye Yamukolera.

23 Osobola okuyimiririrako? Ssaagala kukuyimiriza mu bantu kukufuula kya—kya—kya kwerolera . . . Mpozzi, kkookolo yali yakwata ludda wa? Ku—ku ludda olumu olwa ffeesi, mulaba awo, ku ludda *olwo* olwa ffeesi ye, n'okudda wansi *wano*, ku ttama, n'okwetooloola eriiso. Naye Katonda n'amuwonya. Mukama si mulungi nnyo?

24 Bameka abaali wano Ssande eyise ne balaba Mukama kye yakola okuyita mu kwolesebwa? Waaliwo omusajja, omulema era nga muzibe, eyali atudde wano wennyini mu kagaali k'abalema. Era nnawulira bubi omusajja eyali atudde awo bwe yaŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham . . . " Alabika yali waaluganda ono ali wano. Yaŋŋamba nti, "Ne mukyala wange nkusaba okimukolere." Alina mukyala we wano naye mulema. Nnawulira nga omutima gwange gusaanuuka. Nnawulira . . . nga nnandiwaddeyo ekintu kyonna mu nsi ssinga nnali nsobola, naye tekisoboka . . . tekiri mu buyinza bwange. Naye ekiri mu buyinza bwange n'obubwo kye kino, kwe kusaba Katonda akikole. Mukyala we yagongobala, kirabikanga, eyasannyalala omukono, n'asannyalala n'ekigere. Ate omusajja ono yali bubi nnyo n'okusinga omukyala ono, kubanga omukyala ye waakiri asobola okiyimirira era asobola n'okutambulamu akatonotono, naye omusajja ono ekyo ye yali tasobola na kukikola. Era ya . . . Obwongo bwe, akasimu akamusobozesa okwetengerera kaali kaafa. Ab'eddwaliro lya Mayo, n'amalwaliro amalala mangi, baali baamuvaako. Naye waliwo Omukatuliki ye yamusindika ajje wano, omusawo Omukatuliki; nga mutabani we musoosoodoti mu kigo kya Meinrad Omutuukirivu emmanga eri mu Jasper, Indiana. Naye ekyo kiri mu kuteekawo musingi gwa kudda buggya, okw'okubeera emmanga eyo.

25 Era omusajja oyo bwe yasituka, yagamba nti, "Naye ssisobola . . . " N'atunula, n'agamba nti, "Weewaawo, nsobola." Yali alowooza nti amaaso tegannazibuka, omanyi. N'ayimusa amaaso, n'ayimusa n'omutwe gwe, okugira ati nga asobola okutambula nga n'okulaba alaba; n'atambula awo mu lukuubo, ku bubwe yekka. Kati baali Bapulesibeteriyani. Yali mukkiriza kakongoliro. Kati mwogera . . . Mugenda ne mulowooza nti Abapentekoote bokka oba n'abakkiririza mu Butukuvu mbu be bokka abaleekaana; muli bakyamu. Ne bano basobolera ddala okuleekaana bwe balaba ekintu nga ekyo nga kibaddewo; bagwaŋŋana mu bifuba ne baleekaana. Kale yatambula bukkolokkolo n'akkirira amadaala, nga bw'asindika akagaali ke ak'abalema; nga atambula, nga yeetengeredde nga akasuwa ke ak'obwongo akamusobozesa okwetengerera kakola bulungi. Kirowoozeeko. Nga atambula nga ggwe oba nga nze bwe twanditambudde. O, Mukama mulungi nnyo.

26 Kaakati, Pawulo ye yawandiika Ekitabo ky'Abaebbulaniya. Era mu kuwandiika ekitabo kino eky'Abaebbulaniya, yakiwandiika. Ate bwe yali tannawandiika Bitabo bino,

twakirabye nti . . . Kaakati, tugenda . . . Kuno kwe kuyigiriza okukulu okwa Ssande, era ŋŋenda kwegendereza okugezaako obutalwaawo nnyo. Era bwe kunaaba kuwedde tujja kuba n'enkuŋŋaana endala, ezineeyongerayo akawungeezi, Mukama bw'anaaba ayagadde. Kati, mu Kitabo kya Abaebbulaniya n'Ebbaluwa za Pawulo endala . . .

27 Pawulo yali ani? Yali Mwebbulaniya omukuukuutivu, eyakenkuka mu byawandiikibwa, era omuyigiriza ow'ekitalo ow'Endagaano Enkadde. Era yali yayigirizibwa omu ku basajja abaali basingayo mu biro bye. Wabeewo ambuulira erinnya lye. Gamalyeri, omu ku bayigiriza abaali basingayo ab'omu biro bye. Era Pawulo yali yatendekebwa Gamalyeri.

28 Waliwo eky'enjawulo ku . . . wa gy'osabira, kkanisa ki mw'osabira, na musomesa ki akuyigiriza. Ekyo mubadde mukimanyi? Kiri—waliwo enjawulo gye kikola. N'olwekyo tusaanye okunoonya esingirayo ddala obulungi gye tusobola okufuna, tukakase nti tufuna ekyo ekisingayo obulungi; si kumala galonda kubanga bakwatagana bulungi n'abantu, naye erina okuba n'enjigiriza ya Bayibuli yennyini entuufu.

29 Mulabeeyo, lumu Yisiraeli bwe baali mu ddungu n'amagye gaabwe, nga batambudde okumala ennaku musanvu, amazzi gaabaggwaako. Era baali banaatera okufa, ne bagamba nti, "Ha, ssinga wabaddewo nnabbi okumpi wano!"

30 Omu ku bo kye yava agamba nti, "Wano tulinawo, Erisa. Eyafukiriranga amazzi ku ngalo za Eriya." Mulaba be yakolagananga nabo? Amakulu nti, "Wuuno wano Erisa eyakolagananga n'Eriya. Ekigambo kya Mukama kiri naye." Mukifuna? Yali yayigirizibwa bulungi. Kye yava agamba nti, "Ali wano. Leka tugende tumwebuuzeeko, kubanga omuyigiriza we yali Eriya, na bwe kityo mu ye alina okuyigiriza kwa Eriya." Mulaba enjawulo gye kikola? Mazima ddala. Twetaaga okuyigirizibwa.

31 Kati, Pawulo yalina okuyigiriza kwa Gamalyeri. Era Gamalyeri ye musajja oli ow'ekitalo eyakola okusalawo, nga bwe yali yakenkuka mu byawandiikibwa, oluvuuvuumo luno lwonna bwe lwatandika olwali mu kkanisa eyasooka, yagamba nti, "Ekintu kino ka tuleme kukiteekako ngalo zaffe, ab'oluganda. Bwe kiba si kya Katonda, mu buli ngeri, kijja kulemwa. Naye bwe kiba kya Katonda, ate ne tukirwanyisa, tujja kwesanga tulwanyisa Katonda." Mukiraba, yali yayigirizibwa bulungi.

32 Pawulo yali yatendekebwa wansi w'omusajja ono, era omusajja ono yali akimanyi nti Pawulo muyigiriza wa maanyi. Kati, lumu, nga mwesimbu mu mutima gwe, nga ayigganya Ekkanisa, abanoonya yonna gye bali abakwate abasibe.

33 Kaakati leka tubeeko ekintu ekirala kye tuyiga ku Pawulo, nga bwe tussaawo omusingi gw'eky'okuyigako kyaffe.

34 Yuda bwe yagwa, olw'okwonoona, olw'okululunkanira ssente n'olw'amalala g'obulamu bw'ensi, yagwa n'ava mu kisa n'agenda mu kifo kye. Abayigirizwa ne bagamba nti, "Tuteekwa kuba kkumi na babiri." Naye ekkanisa, mu bitiibwa byayo byonna, okubalaga kiki ddala ekkanisa ky'eri; mu bitiibwa byayo byonna n'amaanyi gaayo gonna, ekyabulwako kinene nnyo mayiro bukadde na bukadde, nga ate eri mu mbeera yaayo ekyasinzeeyo obulungi. Baagamba nti, "Tulina okunoonyaayo, mu makkati gaffe, agenda okujjuza ekifo ekyo." Ne balonda, Matiya, okuyita mu kukuba akalulu. Mateya, nzikiriza, oba Matiya. Nzikiriza, ye Matiya. Naye okuva lwe baamulonda ne bamugatta ku kkumi n'ababiri, ku kkumi n'omu, ne bawera ekkumi n'ababiri, tewali kintu n'ekimu kye yakola. Ogwo gwe mulundi gwokka erinnya lye lwe lyayogerwako mu Byawandiikibwa. Awo ekkanisa ye yali yeerondera.

35 Kati, baalowooza nti, "Musajja muntumulamu." Ddala ateekwa okuba kye yali. "Musajja mulungi nnyo ddala. Musajja muyivu. Mugezi. Yasoma. Muntu mulungi. Ajja kusobola okujjuza ekifo kya Yuda abeere omu ku ffe."

36 Naye, omanyi, Katonda oluusi akola . . . okusinziira ku ndaba yaffe ey'ebintu, akola okulondawo okusingayo okuba okw'ekisiru. Kati, Katonda alina akasajja Akayudaaya ak'ennyindo eyeewetamu ng'eddobo ke yalaba, akaalina obusungu obw'ettumbiizi okukamala, akaakyama omumwa nga keewera kagamba nti, "Ŋŋenda kugenda, mbakwate bonna mbaggalire. Ŋŋenda—ŋŋenda kubaggalira mu kkomera. Ŋŋenda kukola *kino*." Oyo Katonda gwe yalonda.

Abasigadde bonna baalonda musajja muyivu era omukungu. Oyo ekkanisa gwe yalonda.

37 Mukiraba, tomanyi muntu oyo ali ku wolutaali ky'ali. Omuntu oyo gw'obuulira enjiri mu kkomera oba wonna w'ogibuulira, tomanyi ky'ali. Ayinza okufaanana nga omukubi w'ebikonde, nga amatu ge geeweta, amaaso gawulubadde, nga, naye tomanyi ky'ali. Ggwe kola ky'olina okukola, kye kyokka, muwe Ekigambo. Katonda y'asalawo.

38 Era Katonda alonda Kayudaaya kano ak'obusungu obw'ettumbiizi, manya, ke yalonda. Nga kagenda keewera kagamba nti, "Ŋŋenda kugendayo mbakwate. Ŋŋenda—ŋŋenda kubalaga kye nsobola okukola," Katonda n'akakuba ennume y'ekigwo.

Katonda n'agamba nti, "Oyo gwe nnonze, oyo yennyini."

39 Ekyo tekyandirabise nga eky'obusiru eri ekkanisa? "Naye, oyo yennyini y'ayigganya ekkanisa. Musajja wa mubiri." Naye Katonda ye yali amanyi ekyali munda mu musajja oyo. Mulaba kye ntegeeza?

40 Kati, Pawulo waliwo ekyamutuukako. Bameka abakikkiriza nti bw'okyusibwa wabaawo ekikutuukako? Ddala bwe kiri.

Bwe kitabaawo, okukyusibwa okwo mba nkubuusabuusa. Bw'okyusibwa wabaawo ekikutuukako. Ate ekikutuukako ekyo tosobola kukisiba ku kintu kimu kyokka. Oluusi kuyinza okuba okuleekaana. Oluusi kuyinza okuba okwogera mu nnimi. Oluusi kuyinza okuba okukaaba. Oluusi kuyinza okuba okusinda. Toyinza kumanya kiki kinaakubaako, n'olwekyo togezaako kukisiba ku kintu kimu kyokka. Kubanga, mwenna mukakasiddwa okuba nti muli bakyamu mu ekyo kye mugamba nti kye kintu kyokka, mmwe Abamesodisiti, nammwe Ababaputisiti, nammwe Abanazaliini, n'Abapentekoote.

41 Ndabye ku bantu abalekaana okwekutula, naye nga obubbi obubajjudde buyinza n'okubabbisa erinnyo erya zzaabu mu mannyo go, ssinga bafuna akakisa okukikola. Yee, ssebo. Ndabye abantu aboogera mu nnimi nga oyinza okulowooza mpeke za kawo ze bayiye ku ddiba ly'ente ekkalu, nga—nga mwesimbu okukamala, naye nga eno bw'agaaya taaba ku ludda olumu olw'ettama, nga asobola n'okukusalako obulago ssinga afuna akakisa okukikola. Bwe kiri. N'olwekyo ebintu ebyo tebirina . . . Tewali bukakafu bwonna kw'osobola kukikakasiza, okuggyako okwekenneenya obulamu omuntu oyo bw'atambuliramu. "Mulibamanyira, ku bibala byabwe."

42 N'olwekyo, ekyo kyonna kiri eri Katonda. Ye yeeroboza. Y'akwanaganya ebintu wamu, era bwe kityo bwe kiri. N'olwekyo obulamu bwo bwe buba bufaanana n'ebibala ebyogerwako mu Bayibuli, awo oba ddala wamufuna. Omwoyo gwo bwe guba guwa obujulizi bwe bumu n'Omwoyo Gwe, nti muli baana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala, mubeera . . . Nga ebintu biri eby'edda ebibi bikukongoseeko, era nga buli kimu kizze buggya, nga otambulira mu kwagala, nga olina emirembe, n'ekisa, n'ebirala bwe bityo, awo obeera osemberedde ddala Obwakabaka. Kubanga, Obulamu obukulimu bwe buba bubala obulamu obw'ekika ekyo. Okiraba?

43 Oyinza okugamba nti, "O, aleeruuya, nnayogera mu nnimi. Aleeruuya!" Ekyo tekiriimu makulu yadde. Ekyo tekirina njawulo na kuva wano n'ogenda obaako eddoboozi ly'oggya mu ndongo oba ekivuga ekirala kyonna. Ekyo tekiriimu makulu yadde. Newankubadde wayogera mu nnimi, newankubadde waleekaana, n'odduka ne weetala n'odda muno na muli mu lukuubo lw'ekkanisa, n'okulukusa amaziga nga okirako abadde asalaasala obutungulu, ekyo tekirina makulu yadde, tekirina makulu yadde omulundi ogumu bwe guti, okuggyako nga obulamu bw'otambuliramu buli lunaku bukikakasizza, nga bufaanana na Kyo.

44 Kaakati, ebintu ebyo singa obikola, n'obulamu ne buba nga bukkaatiriza nti, "amiina" kati ekyo, ekyo kirungi. Ekyo kirungi. Naye ebintu ebyo osobola okubikola naye nga obulamu obwo tobulina.

45 Kale n'olwekyo, si kuleekaana, si kintu kirala kyonna nti bwe bukakafu. Yesu yagamba nti, "Mulibalabira, ku bibala byabwe." Ate ekibala ky'Omwoyo si kwogera mu nnimi. Ekyo si ky'ekibala ky'Omwoyo. Okuleekaana si ky'ekibala ky'Omwoyo. Okukaaba si ky'ekibala ky'Omwoyo. Naye, okwagala, essanyu, emirembe, okugumiikiriza okutakeŋŋentererwa, obulungi, obukkakkamu, okukkiriza, obuteefu, okwefuga, ebyo bye bibala by'Omwoyo. Olaba? Ebyo by'ebibala by'Omwoyo. Kale.

46 Kati, ensonga lwaki tulina ebintu bino, eri lwakuba baagala kukola bibiina bya buntu, mukiraba. "Kati, ffe tujja okuba nakyo. Katonda yeebazibwe, abo bonna abakkiriza nga *ffe* bwe tukkiriza, *lino* ly'ekkubo lye tunaakwata. N'abo bonna abakkiriza nga *ffe* bwe tukkiriza, *lino* ly'ekkubo lye tunaakwata." Naye Katonda ye *Lino* ly'ekkubo ly'ayagala bonna bakwate, erigenda waggulu.

47 Kati, Pawulo, bwe yamala okutuukibwako ekintu kino, yawulira nga ddala weewaawo kyali kikulu nnyo. Kaakati, atya . . . Leka tu—tu—twogereko katono ku kintu kino ekyamutuukako. Pawulo yali mu lugendo nga agenda e Damasiko, okubaako ne b'akwata emmanga eyo, kubanga Enjiri yali esaasaaniddeyo. *Enjiri* kitegeeza "amawulire amalungi." Kale baali basaasaanye eyo yonna, era waaliwo abantu bangi abaali bayimuka, nga bajjudde okwagala, n'essanyu, era nga baagala Mukama waffe Yesu. Era Enjiri yali esaasaanye n'etuuka n'erudda eyo mu ngeri eyo. Kale kati, Pawulo kye yava agenda eri kabona omukulu n'afunayo ebbaluwa. N'agamba nti, "Ŋŋenda kubayigga, era bonna, nteekwa okubakwata."

48 N'agenda n'akabinja k'abaserikale, abakuumi ba yeekaalu, n'abajaasi, ne yessa mu ddene. Baba bakyakumba batambula mu luguudo, nga amanyi bulungi ky'agenda okukola, amangu ago, ne wabaawo ekintu ekyabaawo. Amangu ago, ne walabika Ekitangaala eky'amaanyi mu maaso ge, Ekitangaala eky'amaanyi. Kati, Kyali kyakayaakana okukira enjuba. Ekyo tekisangikasangika. Ekitangaala ekyo kyali kyaka okukamala, okutuusa nti, kaabula kata kimuzibe amaaso. N'agwa ku ttaka. Era—era aba ali wansi ku ttaka, n'ayimusa amaaso n'atunula waggulu.

49 Waaliwo ob'olyawo abasajja nga kkumi oba kkumi na bataano abaali naye. Ku basajja abo bonna kwaliko yadde omu eyalaba Ekitangaala ekyo? Nedda, ssebo. Pawulo ye yakiraba. Abasajja bali kyali tekyabaweebwa kukiraba. N'olwekyo, abantu abamu basobola okubaako ne bye balaba, nga, abalala tebabiraba. Mukiraba? N'olwekyo, Ekitangaala ekyo Pawulo yakiraba, okutuusa nti Kyamuziba n'amaaso. Yali tasobola kulaba, okumala ennaku eziwerako, Kyali kya nnamaddala nnyo gy'ali. Okutuusa nti yali tasobola kulaba okumala . . .

Oluvannyuma ennyo, bwe yali awandiika ebbaluwa ze,

amaaso ge gaamutawaanya nnyo, n'atuuka n'okuwandiika mu nnyukuta ennene ennyo. Yagamba nti, "Mulaba bwe mbawandiikidde mu nnyukuta ennene." Yali talaba bulungi.

50 Yali mu kkomera, era yasaba Mukama agamuwonye. N'amwetayirira emirundi esatu. Naye Mukama yamuddamu ki? "Ekisa kyange kimala, Pawulo."

51 Pawulo n'agamba nti, "Kye nnaavanga nneenyumiriza mu bunafu bwange." Kubanga, yagamba nti, "Si kulwa nga nneegulumiza olw'Okubikkulirwa okusukkulumye kwe nnafuna, kye nnava mpeebwa omubaka okuva eri ssetaani, eriggwa mu mubiri gwange, okunkubanga." Yamalanga ekiseera nga ali bulungi, ate era ne gaddamu nate.

Okukuba kitegeeza "okuwuttulwa omuddiriŋŋanwa." Nga emmeeri ku nnyanja, nga bwe mumanyi, amayengo bwe gagitomera obutasirisa, nga, gagiggunda bwe gagiggunda.

Kati naye, yagiranga n'atereera, ne kiddamu ne kikomawo; n'addamu n'aba nga atereera, ne kiddamu ne kikomawo. N'abuuza nti, "Naye Mukama wange, nsonga ki, ekintu kino lwaki tokinzigyako?"

52 Mukama n'amugamba nti, "Ekisa Kyange kikumale, Pawulo. Weeyongere bweyongezi mu maaso." Kijja kukuuma . . .

53 Yagamba nti, "Kati, ssinga—ssinga mbadde muntu atuukiridde, nga ssiriiko kyakunenyezebwa kyonna," n'agamba nti, "nnandigenzenga, ha, ne nneegulumiza n'amalala nga bwe ŋŋamba nti, 'Mundaba, ssiriiko kikyamu kyonna. Mukama andabirira, ow'oluganda. Aleruuya!'" Kati awo obeera weekolera butuukirivu bubwo ku bubwo.

54 Naye Katonda aba alina okubaako akantu akatonotono k'akuwa, olw'olumu, kasobole okukuwombeekamu, omanyi. Bwe kiri. Kakuleetera okukitegeera nti Ye Mukama wo. O, Mukama si mulungi nnyo? Yee, ssebo, kitiibwa kyereere!

55 Kale, bw'atyo, Pawulo, ekintu kino ekikulu bwe kyamala okumutuukako . . .

56 Kati, ssinga yali muntu mulala leero, yandigambye nti, "O, Katonda yeebazibwe, aleeruya. Nkubuulira ki, Mukama alina ekintu eky'enjawulo kye yankoledde! Ekitiibwa kibe eri Katonda!" Naye Pawulo si bwe yakola; ye yali yasoma Bayibuli n'agikuguka.

57 Ekintu ekyo ekikutuukako kiteekwa okukwatagana n'Ekigambo kya Katonda. Yee, ssebo. Bwe kiba nga kyonna awamu mu bulamba bwakyo tekisimbiddwa mu Bayibuli . . . Nga si kutunula butunuzi *wano*, n'ogamba nti, "Ha, weewaawo, kiikino wano. Katonda agulumizibwe, mmufunye." Huh-uh. Katonda tamugaba ngeri eyo.

58 Kiteekwa okuba nga kyogerwako mu Bayibuli yonna, yonna. Kubanga, osobola . . . Bayibuli eno n'abakafiiri bagyeyambisa

okusinziirako okukuba empaka. Naye bajja kufunayo Ekyawandiikibwa erudda *wano*, babikkule n'erudda *wano* eno nawo bafuneyo ekirala, bagezeeko okubikwanaganya awamu, ate nga byombi byogera ku nsonga bbiri, ez'enjawulo. N'olwekyo, oteekwa okugeraageranya Ekyawandiikibwa ekimu n'Ebyawandiikibwa ebirala.

59 Nga Isaaya bwe yagamba, mu ssuula eya 28 nti, "Kiteekwa kuba lunyiriri ku lunyiriri, lunyiriri ku lunyiriri; wano katono, ne wali katono." "Nyweza ekyo ekirungi." Olaba, eyo y'engeri gy'Ajjamu: lunyiriri ku lunyiriri ku lunyiriri, Kigambo ku Kigambo, Kyawandiikibwa ku Kyawandiikibwa. Byonna biteekwa okukwatagana. Y'ensonga lwaki, nzikiriza nti, eby'okuyigako nga bino bye tuyigako kaakati, kintu kikulu nnyo eri ekkanisa, kubanga bibateeka mu mbeera Ebyawandiikibwa byonna we bikwataganira awamu. Era obumanyirivu bwaffe obw'ebyo ebitutuukako buteekwa okukwatagana n'Ebyawandiikibwa ebyo. O, kiikino! Bwe buba tebukwatagana nabyo, kiba kitegeeza bukyamu.

60 Nga nnamala emyaka mingi, nga ssinnategeera kiki Ekitangaala ekyo ekyasuula Pawulo wansi kye kyali. Nga, abali wabweru, w'Ebyawandiikibwa. . . Abantu, n'ababuulizi nga bagezaako okuŋŋamba nti, "Ekyo kya ssetaani. Era, ojja kufuuka mulaguzi. Ojja kufuuka musamize. Ekyo togeza okukyesembereza, Billy. Ekintu Ekyo si kituufu. Togeza okukyesembereza, muvubuka. Kikyamu. Oyo ssetaani. Nkubuulira, muvubuka, ojja kuwunzika ofuuse mulaguzi. Bwe kanaakutanda n'okikola ojja kuba ofuuse musamize. O, ebyo byonna bya ssetaani. Ebyo—ebyo bikyamu." Naye bwe. . . Nnali ssaagala na kubibuulirako.

61 Naye okufaananako n'ekyatuuka ku Pawulo bwe yali agenda e Damasiko, naye yali tayagala kukibuulirako, okutuusa nga azudde oba nga ddala ge mazima oba nedda. Na bwe kityo yagenda mu Buwalabu n'amalayo emyaka esatu, nga yekkaanya Ebyawandiikibwa. Ah! Bwe yavaayo, n'agamba nti, "Kale kati mugezeeko okukinzigyamu."

62 Yakimanya nti yalina okwolekanya obwanga n'Abafalisaayo. Yalina okwolekanya obwanga n'Abasaddukaayo. Yalina okwolekanya obwanga n'ensi, n'ensi y'Ab'amawanga. N'olwekyo Pawulo, Bayibuli eno yawandiikibwa, Ekitabo kino eky'Abaebbulaniya, kyawandiikibwa lwa kigendererwa ekyo. Ayuuguumya Abaebbulaniya abo, nga addira Endagaano eyo Enkadde n'agisimba nga bw'etuukirizibwa wano mu Ndagaano Empya. N'agamba nti, "Ono Katonda, Wuuno, ku—ku bannabbi bonna n'abalala." Akitandikira mabega wali we kitandikira, ku ssuula 1 gye twayogerako awagamba nti, "Kubanga Katonda mu biro ebitali bimu na bimu, edda eri mu biro eby'edda, yayogeranga eri bajjajjaffe okuyita mu bannabbi." Bw'atyo Katonda bwe yaleetanga Obubaka Bwe, ne bukeberebwa ne

Ulimu Sumimu. "Naye mu nnaku zino yayogera gye tuli okuyita mu Mwana We, Kristo Yesu," n'agezesebwa okuyita mu Bayibuli Ye. Kiikyo.

63 N'olwekyo ebintu bino ensi by'egamba mbu, "Ha, okwo kusoma birowoozo bya muntu. Eky'amazima, teri muntu. . . " Malayika oli bwe yalabika, Ekitangaala ekyo bwe kyalabika emmanga wano ku mugga, bwe nnabuulira enkuŋŋaana zange ezaasooka ez'okudda obuggya wali mu masaŋŋanzira, bwe twabatiza abantu abo bonna. . . Ndowooza, Ow'oluganda Fleeman, olabika wali mu. . . Ssimanyi oba mu kiseera ekyo wali wano oba nedda. Bameka abaaliwo mu kiseera ekyo e— Ekitangaala we kyalabikira ku mugga? Waliwo omuntu yenna ku be twali nabo edda? Weewaawo, waliwo abaliwo. Ekitangaala bwe kyakka, emmanga wano ku mugga.

64 Abantu ne bagamba nti, "Amaaso ge gaalaba bubi." Nga bangi ku ffe twali tuyimiridde awo, tukitunuulidde, ne Kijja nga kikka. Era oluvannyuma nga wayiseewo emyaka egiwerako, Katonda yakikakasa nga akozesa eriiso lya kkamera. Nti kituufu.

65 "Kati, ki—kintu ekyayiiyizibwa obuyiiyizibwa, kintu ekiri awo eki—eki. . . ?" Nedda, ssebo. Wano wennyini mu Bayibuli we tukiggya ne tukibalaga. Nti ye Mukama waffe Yesu y'omu. Akola ekintu kye kimu. Ebikolwa bye bye bimu. Amaanyi Ge ge gamu.

66 Mulabe, ekyali wano, ku Ssande ewedde. Bwe nnali ngalamidde, ku kitanda kyange, nga omusajja oyo ssimulabangako mu bulamu bwange. Ne nkiraba era ne kiŋŋambibwa nti, "Ku kkuŋŋaaniro wagenda kujja omusajja, nga alina envi, wa nviiri nzirugavu, zigenda zifuuka nvi. Muzibe w'amaaso, era tasobola na kutambula. Ali mu kagaali k'abalema. Waliwo omusajja ow'enviiri enzirugavu ye yamusindise ajje; musawo, ayitibwa Dokita. Ackerman, musajja Mukatuliki, wa nviiri nzirugavu. Ye yasindise omusajja oyo, atudde *awo*. Era BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA," omusajja n'asituka, n'atambula nga alaba bulungi na buli kimu. Kiki ekyakikola? Wuuno Malayika y'omu. Oyo y'omu eyasuula Pawulo wansi, bwe yali agenda e Damasiko, ali mu Kkanisa Ye era mu bantu Be leero. Kyawandiikibwa nga kikwatagana n'Ebyawandiikibwa ebirala. Bwe kityo bwe kirina okuba.

Weewaawo, tulina *ab'ekibuguumirize*. Ekyo tujja kukituukako, oluvannyumako.

67 O, tulina ekintu eky'obuziba ennyo kye twolekedde, ssinga tunaasobola okukikwatako, leero n'enkya akawungeezi. Kati kigenda kiyingira mu mazzi amawanvu. Omwo. . .

68 Omanyi, bwe nnali nkyali mulenzi muto, nnalina ekidiba ekitonotono emabega w'ekifo ekimu, gye nnagendanga. Era abaana abato ffenna twakigendangamu, nga tuli bwereere; nga tuli bato, tuli ba myaka nga mukaaga, musanvu. Era twa. . .

Nga amazzi gakoma nga *wano* obuwanvu. Nga tekirina njawulo ya maanyi ku kitaba kya mbizzi mwe yeevulungula. Nnalinayo n'ekibookisi kya ssabbuuni. Era nga nneekansa mu bannange nga bwe mmanyi okwekasuka mu mazzi; nga nkwata ennyindo yange, ne ngagwaamu, ne nkuba eddubi *bwentyo*. Nga akabuto kange keggunda ku ttosi, omanyi, ne liryoka lisammuka buli wamu. Nnagamba taata wange nti mmanyi okuwuga.

69 Lwali lumu n'antwalayo. N'aŋŋamba nti, "Njagala nkulabe bw'owuga." Ne mbuuka, nga bwe mumanyi; ne nneeyambula engoye, mu kasiko akaali awo; ne nfubutuka, ne ŋŋenda nneekasuka mu mazzi. Ne ntandika okugasammula, nga ettosi bwe lisammukira buli wamu. Nga taata atudde awo ku kigoma ky'omufulejje. N'atuula awo n'antunuulira okumala eddakiika nga ziizo. Ekyavaamu n'agamba nti, "Vvaayo mu kidiba, onaabe, oddeyo eka." Mukiraba?

70 Kati, ekyo kifaananamukko, n'abamu ku ffe abagamba mbu tuli Bakristaayo. Tuba twewalulira mu ttosi. Bwe kiri. Kasita weenyumiriza mbu, "Ndi Mumesodisiti. Ndi Mupentekoote. Ndi Mupulesibiteriyani. Nnina obukakafu nti; mmulina." Obeera weewalulira mu ttosi kye kyokka.

71 Lumu nnali ne taata wange omuto. Buli kaseera nnabeeranga mmugamba . . . Yali wa myaka nga kkumi n'etaano, oba kkumi na mukaaga. Twali ku mugga. Ne mmugamba nti, "Taata Lark, nsobola okuwuga." Era nnali ntudde mabega mu lyato, nga bwe mumanyi, nga nteredde ntende. N'akwata enkasi n'ansindika ne ngwa mu mazzi ga ffuuti nga kkumi okukka wansi. Mu kaseera ako ebintu byantabukira; nnasambagala nga bwe nkuba amazzi, ne ndeekaana nga bwe ndaajana, nga by'otawulirangako mu bulamu bwo.

72 Naawe lumu balikusindika ku ndeboolebo, osaanye obeere nga w'oli weekakasaawo. Yee, ssebo. Bw'oba omumanyi Ye, ojja kuba . . . Osaanye okakasizze ddala nti omumanyi. Bwe kiri.

Naye kati twolekedde amazzi ag'ebuziba, amazzi ag'ebuziba ddala, mw'oyinza okubbira ssinga—ssinga onaasangibwa nga toli Mukristaayo ddala, aggumidde obulungi.

73 Wekkaanye Ekigambo. Pawulo, ekyo kye yasooka okunoonyereza. Yaddayo mu Ndagaano Enkadde, n'azuula ekintu kino. N'alaba ekyo ekyamutuukako, nga ky'ekyo kyennyini. "Kati kyali Kiki ekyo ekyankuba ne ngwa wansi?"

74 Kyali Kitangaala, Ekitangaala ekinene ekyali kiyimiridde awo, nga kyakaayakana nga enjuba, nga kimwesimbye mu maaso. Yamubuuza nti, "Sawulo, Sawulo, onjiggannyiza ki?"

75 Ko ye nti, "Mukama wange, Ggwe Ani gwe njigganya?"

76 N'amugamba nti, "Nze Yesu."

77 "Mbadde ndowooza nti Yali mu—musajja, nga alina enkovu mu bibatu, nga gwe bagamba alabika mu nkuŋŋaana ensangi

zino, nga alina enkovu z'emisumaali mu bibatu Bye ne ku mutwe Gwe." Nedda, nedda; si mubiri *ogwo*, si mu mubiri *ogwo*. Mukiraba? Kati Ali mu nkula ya Kitangaala. Sawulo . . .

78 Bwe Yali wano ku nsi, Yagamba nti, "Nnava eri Katonda. Nzirayo eri Katonda."

79 Ye Malayika eyakulembera abaana ba Isiraeri mu Kitangaala kino, n'abayisa mu ddungu. Yaddayo mu kubeera Ekitangaala kye kimu ekyo. Era Pawulo yakiraba, okuva mu Ndagaano Enkadde. Yagamba nti, "Nze Yesu, Malayika ow'Endagaano."

80 Era Yayambala omubiri, okusobola okutununula. "Teyatwala nkula ya Bamalayika," nga bwe twalabye mu ssuula, ze twakamala okuyigako. "Teyatwala kikula kya Bamalayika, wabula yafuuka Zzadde lya Ibulayimu," Asobole okumanyibwa, abantu basobole *okulaba* Katonda. Amiina.

Kati Agamba nti, "Ndiddayo mu nkula Eyo nate."

81 Era Ekyo Pawulo bwe yakiraba, n'agamba nti, "Mazima ddala, oyo yali Ye. Oyo yali Ye."

82 Ne Peetero waliwo ekyamutuukako lumu ekiro bwe yali asaba. Ekitangaala ky'ekimu ekyo ky'ayingira mu kizimbe, ne kimuggulira enzigi, n'afuluma n'agenda mu nguudo. Era Peetero yalowooza nti aloota; naye yali afukiddwaako nnyo amafuta. Teyategeera kyali kibaddewo. Mu ye yeebuuza nti, "Nsisimuse busisimusi? Naye ate ndi wano ku luguudo."

83 N'aserengeta n'agenda ewa Yokaana Makko. Akawala ne kaggulawo oluggi, akawala akato akaaliyo, bwe baali mu kusaba. Kaawulira nga waliwo akonkona ku luggi. Ne kaggulawo oluggi. Ne kagamba nti, "Bannaaye, Peetero wuuno wano. Mumusabira afulume ekkomera. Mukama amaze okumusumulula."

84 Ne bagamba nti, "Ha, mugende mu maaso n'okusaba."

"Ayi Mukama, musumulule!"

85 Kye kaava kabagamba nti, "Naye, wuuno ayimiridde wano ku luggi, akonkona."

Peetero ne yeeyongera okuggunda oluggi nga bw'agamba nti, "Munzigulirewo."

86 Akawala kye kaava kagamba nti, "Bannaaye, ddala ye Peetero." Mu biro ebyo, baalina akaggi k'oseetula, weewaawo na kati bakyakazimbirako. Akaggi k'oseetulako, katono n'olingiza wabweru, n'olaba ani ali ku luggi. Omugenyi wo nga tonnamuggulira kuyingira, olina okusooka okumanya ani oyo akonkona ku luggi lwo. Kubanga, baalinanga abanyazi; kale nga ssinga oggulawo bugguzi luggi, bayinza okukutta.

87 Kale, baggulawo oluggi. Akawala ne kagamba nti, "Peetero y'azze."

88 Ne bagamba nti, “Ha! Bannange, tufudde, yafudde. Kati oyo malayika we y’ayimiridde awo. Mukiraba? Yayambadde dda omubiri gwe ogw’ekitiibwa, nga bwe mumanyi, omubiri guli ogw’omwoyo.”

89 Mujjukira bwe twalyogerako, ejjinja eryo eddene erya Alimansi, engeri gye Lyavangamu Ekitangaala, n’engeri gye Kyaddangayo? E. . . “Ensiisira eno ey’oku nsi bw’eribumbulukuka, tulina endala etulindiridde.”

Kale baalowooza nti Peetero yali yafudde, nti yali avudde mu mubiri gwe guno, era nga mu nnaku ntono baali baakuguziika, nti yali ayingidde mu malayika we, manya mu guli ogugulu-. . . Si mubiri ogugulumiziddwa, naye mu mubiri gwe ogw’enkula ey’omwoyo, omubiri ogwategekebwa edda. Ogwo tegusobola kukukwata mu ngalo. Tegulina ngalo z’oyinza kukwatamu, mu ngeri eyo, naye guli mu kifaananyi kya muntu. “Gwe guzze, era gwe gukonkona ku luggi.”

90 Akawala kwe kubagamba nti, “Nedda. Peetero yennyini. Y’ayimiridde wabweru.” N’aggulawo oluggi n’ayingira. Nga ye wuuyo. Kaakati, Peetero yali asumuluddwa Kitangaala kino.

91 Kaakati, mu ngeri y’emu eyasooka. . . mu ngeri y’emu Pawulo, mu Kkanisa eyasooka, gye baalaba Ekitangaala kya Katonda ekyayakira ku Pawulo, Ekintu kye kimu ekyo kye kisse wansi ne leero. Kati, abantu basobola okwogera kyonna kye baagala, naye ekyo tekikifuula kituufu. Naye Katonda bw’abaako ekintu kyonna ky’akakasa, emirimu Ekitangaala ekyo gye Kikola gikikakasa. Ne, kkamera ekikakasa. Era buli kintu kye tu. . . Mukama kye yali akoze, kikakasiddwa mu ngeri etawankanyizibwa, awatali kubuusabuusa kwonna, nti Ekitangaala ekyo ye Katonda, okuyita mu Byawandiikibwa, okuyita mu bye Kikoze, n’okusinziira ku bibaddewo. Naye era ne bagaana okuwulira.

92 Mulabeeyo wano mu kkuŋŋaaniro lino. Kati, mujjukire, kino mukimanyi. Tetufuba kubeera na bibiina bya bantu binene. Kuba, ndaba tetulina na kifo wa kubateeka. Naye, mulabeeyo. Olukuŋŋaana nga luno, we tukuŋŋaana awamu olw’ensonga eno, lwandisikirizza abantu okuva mu Bibuga bya Falls byonna. Naye bafu. Bafu ddala. Balina amaaso naye tebasobola kulaba.

Oyinza okuŋŋamba, nti, “Naye, Ow’oluganda Branham, tebasobola kugenda eri musawo n’abajjanjaba amaaso?” Omusawo tasobola kujjanjaba maaso gali mu mbeera eyo.

93 Yesu yagamba nti, “Ssinga muntegedde, n’olunaku Lwange mwandirutegedde.” N’agamba nti, “Mmwe Abafalisaayo abazibe b’amaaso. Musobola okumanya eggulu bwe lifaanana, naye temusobola kutegeera, bubonero bwa biro.”

94 Ekyo kibayita buyisi ku mutwe? Muwulirize. Mulabe obubonero bwe tulimu wano. Kati, tekikwata ku. . . Nze, ku bwange, ndi muntu buntu, siri na mubuulizi, gw’oyinza

kuyita mubuulizi. Ssirina buyigirize, obw'oyo ensi gw'eyita, "omubuulizi." Tuli na bantu baavu. Tunuulira ekizimbe mwe tuli. Tunuulira zi lutikko, enkya ya leero. Naye laba Katonda w'ali. Eyo ye nsonga enkulu.

95 Ne Mowaabu bwe batyo bwe baali mu bintu ebitemagana era ebirabika obulungi, naye Isiraeri baali mmanga eri nga babeera mu bu weema. Naye Katonda yali ludda wa? Baali kabinja k'abatukuvu abeevulunga emmanga eyo, nga bakola buli kimu ekyatwalibwa okuba nti kikyamu. Naye Balamu, omulabirizi waabwe—waabwe, yalemwa okulaba Olwazi olwo olwakubibwa, Omusota ogwo ogw'Ekikomo, n'Empagi y'Omuliro eyo. Amaaso ge gaali gazibiddwa. Nga tasobola kubiraba. Yagamba nti, "Ebyo bateebereza biteebereze." Naye Yaliwo.

96 Katonda aweebwe ekitiibwa, o, Ali wano! Katonda ali wano, era Akola ekintu kye kimu kye yakola. Era Mwete-. . . Tugeraageranya Ebyawandiikibwa n'Ebyawandiikibwa okulaba nga bikwatagana. Katonda talabikirangako mu kintu kya maanyi, ku nsi, naye lubeerera abaddenga mu bantu aba bulijjo era abawombeefu. Era Wuuno wano enkya ya leero, nga akola ekintu kye kimu. Ebyawandiikibwa bikikakasa. Kamera ekikakasa. Kati, ekyo, ensonga lwaki njuliza ku kifaananyi ekyo, teri lwa kuba nti mwendi mu kifaananyi. Nange ndi—ndi mwonoonyi bwonoonyi, eyalokolebwa olw'ekisa, nga mmwe. Naye kye ngezaako okugamba, kiri nti, Okubeerawo Kwe kuli naffe. Ekyo kye kintu ekikulu. Weewaawo, ne bwe Yandifudde Erisa a—akomyewo n'ayambala omubiri omulala, naye nga tolina kukkiriza kukikkiriza, era tekirina kalungi konna ke kyandikukoledde.

"Yajja mu Matwale Ge, naye abaali mu Matwale Ge tebaamusembeza."

97 Gwe mutawaana, oguli mu kibuga leero. Kubanga, nsobola okutandikawo enkuŋŋaana ez'okudda obuggya wano, mu kizimbe ekimu ekinene oba ekifo bwe kityo, naye era toyinza kufuna bantu bangi kiri awo bakkiriza kuziggyamu. Tebayinza kukkiriza. Tebasobola. Ekiseera kyabwe kyaggwako.

98 Eky'okuyigako kino kye kimu, kye tuyigako enkya ya leero, ssinga kibuulirwa mu Afirika, kiyinza okuleeta abantu kyenkana nga mutwalo mulamba, ekitono ennyo, emmeeme omutwalo mulamba ne bajja eri Kristo; kyokka nga wano wayinza okuvaayo omwonoonyi omu yekka atudde wano enkya ya leero, oba oyo, eyali yaddirira. Abasinga obungi bonna bagenze baggyibwaayo, ne kituuka okuba nga kyenkana bonna baweddeyo. Ky'ekyo kyokka.

99 Naye kye tugezaako okugamba, kiri nti, Ebyawandiikibwa bikwatagana n'Ebyawandiikibwa binnaabyo. Kati, ekyo ekyakutuukako ka kibeere nga ky'amaanyi okwenkana wa, bwe kiba tekikwatagana na Byawandiikibwa, kikyamu.

Ulimu Sumimu, nnabbi ne bwe yabanga mulungi okwenkana wa, bwe yayogeranga Ulimu Sumimu n'etavaamu kitangaala, obunnabbi obwo bwabanga bukyamu. Ekirooto ne bwe kyalabika nga ekituufu okwenkana wa, Ulimu Sumimu bw'etaavangamu kitangaala, ekirooto ekyo kyabanga kikyamu.

Obwakabona obwo bwe bwakoma, Katonda n'ateekawo Bayibuli Ye. Pawulo yagamba nti, "Ne bw'aba Malayika okuva mu Ggulu ssinga ajja," Abaggalatiya 1:8, "n'ababuulira enjiri endala yonna etali eyo gye mwabuulirwa, akolimirwe."

100 Malayika eyava mu Ggulu yagamba Yokaana eyaweebwa okubikkulirwa, era nga yali Katonda Mwene nti, "Nze Yesu ntumye Malayika Wange okukakasa, manyanga okulaga ebintu bino." N'agamba nti, "Omuntu yenna bw'alikyongerako yadde ekigambo ekimu kiti, oba n'atoolako Ekigambo kimu ku Kyo, n'omugabo gw'omuntu oyo, guliggyibwa mu Kitabo ky'Obulamu,." Kye *Kino*, ye Bayibuli.

101 N'olwekyo, ebintu bino ebitubaako n'ebintu ebibaawo mu makkati gaffe wano, ssinga byali tebikakasibwa na Kigambo kya Katonda, byandibadde bikyamu; ssifaayo ne bwe kyandibadde kiki kyonna, kyandibadde kikyamu. N'olwekyo ge Mazima ddala gennyini, okusinziira ku Byawandiikibwa. O, ndi musanyufu nnyo okuba nti ndi kitundu ku Mubiri gwa Kristo ogw'ekitiibwa.

102 Kaakati, leka tugende kati, tuyingira mu ky'okuyigako. Kati, twakoma wano we yagambira nti, "Kale nga bwe twetooloddwa . . ." nedda si weewo . . . munsonyiweko. Awo, mbadde nnokodde ssuula ey'e 12. Mbadde ngisoma, naye ssinnagyekenneenya. Ne . . .

103 Ow'oluganda Norman, abeera wange engulu eri, era akimanyi nti nnakomyewo jjo, n'ab'oluganda abalala bakimanyi, ababeerayo, nti nnabadde nnaakakomawo. Kale akadde kokka ke nfunye okusoma Ebyawandiikibwa, nkafunidde wano we ntuulidde wano, eddakiika ntono ezaakayita. Bwe kiri. Kale ssaabisomye kubyekkaanya, nninze bulinzi Mwoyo Omutukuvu abituwe nga Ye bw'abyagala. Amanyi omuntu oyo waali—waali, gwe Kirina okugasa. Kati nze bwe mba ne kye nnategese mu ndowooza yange nti kye nnaayogera, awo ekyange kiba kikyamu. Naye bwe mmuwa omwagaanya n'Akikola, Aba ajja kukituusiza ddala gye Kirina okugenda. Mukiraba? "Temweraliikiriranga kye munaayogera, kubanga si mmwe mwogera, wabula Kitammwe abeera mu mmwe. Y'ayogera."

104 Kaakati, essuula esembayo, mu ssuula gye twakamala, kino kye twawulira, nti, "Ffe tuliwona tutya, bwe tulagajjalira obulokozi obukulu obwenkanidde awo; Oyo bwe yasooka okutubuulira Mukama waffe Yesu, era Oyo oluvannyuma ne bututegeezebwa abo abaamuwulira?" Ebintu bye bimu Yesu bye yakola, okusobola okubalaga, by'ebintu bye bimu ebikolebwa ne wano: Malayika wa Katonda y'omu, emirimu gye gimu,

obukakafu bwe bumu, buli kimu kye kimu, buli kimu kyonna, Enjiri y'emu, nga bikwataganira ddala n'Ekigambo. "Bwe kiba nga ebyo Mukama waffe bye yayigiriza, oluvannyuma ne bikakasibwa okuyita mu bayigirizwa Be be twawulira," nga ne Pawulo y'omu ku bo, "tuliwona tuya, bwe tulagajjalira obulokozi obwenkana awo?"

105 Kati, ebyo Pawulo yali abigamba ekibiina kye eky'Abaebbulaniya abaali bamuwuliriza. Kati, tebaalina buuma bukwata ntambi za maloboozi, nga bwe tulina wano, leero. Naye baalina abawandiisi, abaaberanga babiwandiika nga Pawulo bw'abibuulira.

Era bye Bino ebiri wano wennyini. Naffe tubikwata ku ntambi z'amaloboozi, era entambi zino zibuna wonna mu nsi, mukiraba, okulaga nti Ge Mazima. Ensinza yaffe si ya butaliimu, wabula ye Yesu Kristo yennyini eyazuukira, kye kintu kye kimu. N'olwekyo tetulina kugiragajjalira.

106 Kati, tomala gafuluma kkanisa, leero, nga ogamba nti, "Wabula, nnyumirwa nnyo okugenda emmanga eyo. Nnyumirwa nnyo engeri gye bayimba, ate n'abantu b'omu kkanisa eyo bambi balina okwagala." Tokola otyo.

107 Ow'oluganda, leka omutima gwo gubugujje omuliro, ogambe nti, "Kati, nteekwa okubaako ne kye nkola ku nsonga eno. Nteekwa okugenda ndabe nga mbaako omuntu gwe ndeeta eri obulokozi."

108 Ate togenda bweru eyo, n'omala gagamba nti, "Katonda yeebazibwe, naye bw'oteenenya, ojja kuzikirira." Nedda.

Kikwate mu bukkakkamu. "Beera mugezigezi nga omusota, naye nga tolina bulabe bwonna nga ejjiba." Olaba, eyo y'engeri y'okukikwatamu. Tuukirira omuntu oyo, bw'aba mulunzi wa nkoko, yogera naye, ku bikwata ku nkoko, okumala akaseera. Olaba? Munaagenda, okwejjuukiriza, nga mwogera ku Mukama. Bw'aba mulimi, yogera ku ffaamu ye.

109 Bw'aba mutunzi wa mmotoka, sooka oyogere ku mmotoka ze, okumala akaseera omugambe, "Nga olina emmotoka ennungi," n'ebirala bwe bityo. Olaba?

110 Okutuusa lw'onokwata Omwoyo, Kitaffe n'akugamba nti, "Kano ke kaseera okugabanako naye ku bikwata ku mmeeme ye."

111 Awo oyinza okukiwumbawumba, nga ogamba nti, "Eyo mmotoka nnungi nnyo. Omanyi eby'entambula, ensangi zino, bifuuse nsonga nkulu nnyo. Bannaaye, amawanga gayungiddwa ne galeetebwa wamu; n'ebibuga by'amawanga gaffe, ne bifuuka nga ebiriraaniganye. Kati ab'emikwano ne ba maama basobola okukyaliragana. Omanyi, kirungi nnyo okuba n'emmotoka nga zino z'otunda."

112 "Yee, ssebo. Weewaawo kirungi nnyo ddala. Uh-huh." Nga bwe mumanyi, nga bw'afuuwa taaba we, oba kyonna ky'aba akola. "Weewaawo, ezo, mmotoka nnungi nnyo."

113 "Wali olowoozezza ku bantu b'edda kye bandirowoozezza ssinga baba balabye ekintu nga ekyo?" Weeyongere mu maaso n'emboozi bw'otyo, nga bwe mumanyi.

Oluvannyuma lw'akaseera, ogambe nti, "Weewaawo, mazima ddala, nnungi nnyo."

114 "Omanyi, ekirala kye zikola, zitutambuza bwe tuba, n'enkuŋŋaana ez'okudda obuggya. Abantu basobola okutambula mu bwangu, okuva yonna gye babeera okwetooloola eggwanga lyonna, okujja okwetaba mu nkuŋŋaana z'okudda obuggya." Olaba, obeera oggulawo ekkubo, akaseera ako konna, okiraba.

115 Bw'owulira nga waliwo Ekintu ekikuziyiza okwogera, koma awo wennyini, ate odde *wano* eno. Nga dokita omu mu Phoenix, bwe yagamba, nti, "Mukama, jjuza akamwa kange ebigambo ebirungi, era onkomeko nga njogedde ebimala." Okiraba? Weewaawo. "Nkomaako nga njogedde ebimala."

116 Kaakati, kati mulabeeyo, tugenda kutandikira ku ssuula ey'e 15, manya ku lunyiriri olw'e 15 olw'essuula ey'oku 3, kati mwekkaanye n'obwegendereza.

> *Nga bwe kikyayogerwa nti, Leero bwe* mu*. . .bwe munaawulira eddoboozi lye, temukakanyaza mitima gyammwe, nga mu kusunguwazibwa.*

117 Kati mwekkaanye Pawulo nga ayogera wano. Kati kigamba nti, "Leero, oluvannyuma lw'ebiro ebingi bwe biti." Ekyo tujja kumala tukituukeko, ekigamba nti, "Leero, oluvannyuma lw'ebiro ebingi bwe biti." Kiri mu ssuula eddako, "Oluvannyuma lw'ebiro ebingi bwe biti."

> *. . .bwe kikyayogerwa nti, Leero bwe* mu*. . . munaawulira eddoboozi lye, temukakanyaza mitima gyammwe, nga mu* lunaku olw'*okusunguwazibwa,* bwe baasunguwaza Katonda.

118 Kati leka tusome olunyiriri oluddako.

> *Kubanga, baani bwe baawulira, abaamusunguwaza:. . .*

Kati kiki ky'ayogerako? Enjiri.

> *. . .si abo bonna abaava mu Misiri ne Musa.*
>
> *Era baani* abo *be yanyiigiranga* okumala *emyaka amakumi ana? si abo abaayonoona, n'emirambo gyabwe ne gigwa mu ddungu?*

119 Leka tusooke tukome wano. *Okusunguwaza*, "bwe baamusunguwaza." Kaakati Katonda kiki kye yakola? Kati Pawulo agezaako okwogera. Kyali kiki Ekyo ekyabakulembera

okubajja e Misiri? Yali Musa? Nedda. Musa yali kikozesebwa eky'omubiri.

120 Kaakati tulina wano omusingi. Kati twagala tugololwe. Ensonga eno bwe tunaagituukako wano eno wansi, mu ddakiika ntono, mujja—mujja kukiraba.

121 Kati, Katonda yalina abantu Be nga bali mu mbeera etali ya butebenkevu. Baali mmanga mu Misiri. Baali tebali mu kifo kyabwe kituufu. Baali wabweru wa nsi yaabwe. Baali bayise era abatambuze, era Katonda yali agenda kubaggyayo gye baali baggalirwa, mu—mu Misiri, abatwale mu nsi yaabwe.

122 Ekifaananyi ekyoleka ekiriwo leero; nti tetutebenkedde. Wano tetuwangaalawo kiseera kiwanvu. Tubeera birenzi ebigimu ebizannya dduulu, n'obuwala obuto obulabika obulungi obulina bi ddole, eby'okuzannyisa; naye ogenda okugira oti, nga wenna ojjudde envi, n'enkanyanya. Wano waliwo ekikyamu. Wano si waka. Tuli mu kifo kikyamu. Y'ensonga lwaki tugamba nti tuli batambuze era abayise. Waliwo ekyabaawo.

123 Waliwo omuwala aŋŋambye, ku makya ga leero mu kasenge wali, nga oluusi, abantu bwe bamusekerera. Ne mmugamba nti, "Naye, mwannyinaze, mukwano, toli omu ku bantu abo." Ffe tuli bantu ba njawulo.

124 Kawala kange kaŋŋamba nti, "Taata, abawala ba *gundi ne gundi* baakola *bwe bati ne bwe bati*."

125 Ne mmugamba nti, "Naye, labayo, mukwano," baalina obutambi bw'ennyimba za Elvis Presley zino, nnabagamba nti, "Ssibwagala mu nju yange."

126 N'agamba nti, "Naye, taata, bawala balungi."

127 Ne mmugamba nti, "Weewaawo bayinza okuba nga balungi. Ekyo sikirinaako nsonga yonna. Naye waliwo ekintu kimu ekikulu, ffe tuli ba njawulo. Tuli ba njawulo. Tetwagala bwagazi kubeera ba njawulo, naye Omwoyo ali munda mu ffe ebyo yabituggyamu. Oli wa nsi ndala."

128 Bwe ŋŋenda mu Afirika, ssisobola kumanyiira mbeera—mbeera—mbeera zaabwe ez'obulamu. Tebambala ngoye. Babeera bwereere. Basobola n'okulonda ekintu ekivundu, ekirimu n'envunyu, oli n'akirya, nga bwe kiri, nga takirabamu kabi konna. Mukiraba?

129 Kati ne Kino kya njawulo. Mukimanyi, nti lumu, ffenna twali bwe tutyo, naye enkyukakyuka y'obugunjufu yatuggyayo n'etufuula ba njawulo.

Ate kwo okukyusibwa ekyo kwakikubisaamu emirundi kakadde. Tetukyayagala bintu bya nsi ebyo ebivundu. Kristo yatukyusa n'atufuula Bakristaayo, nga enkyukakyuka y'obugunjufu bwe yatufuula abayonjo. Ate mwekkaanye, si ekyo kyokka, naye twatula nti tuli batambuze era abayise. Tetuli ba

nsi. Kati awo, obeera tokyayagala kwesembereza nsi. Era ebintu ebyo biba biweddewo.

130 Kati, Isiraeri baali mmanga mu Misiri. Tebaali Bamisiri. Eri Abamisiri, kyali kizira Omumisiri okukwata ku ndiga. Ate nga Israeli baali balunzi ba ndiga. Era Musa kiteekwa okuba kyamukaluubirira, oluvannyuma lw'ekitiibwa kyonna kye yalina nga Omumisiri, nga bo baali balunzi ba nte.

Mwali mwetegerezza Falaawo kye yagamba Yusufu, n'abalala? "Kya muzizo." Yamugamba nti, "Abantu bo balunzi ba ndiga." Era Omumisiri yali tasobola yadde okukwata ku mulunzi w'endiga. Baali bantu ba njawulo.

131 Era bwe kityo bwe kiri n'eri Omukristaayo, leero, bw'azaalibwa omulundi ogw'okubiri. Teki . . . Kya bukyafu ebitagambika ye okwetaba n'awali abantu abanywa omwenge n'okusaaga ebitasaana, n'abakazi abali obukunya. Na buli . . . Ebyo, ebyo—ebyo mpitambi. O, Mukama agulumizibwe! Wano tuli bayise. Wano tuli bagenyi. Emyoyo gyaffe gyakyusibwa, era tunoonya Ekibuga eyo abakazi gye batayambala binu. Tunoonya Ekibuga ekitaliimu bbaala za mwenge. Tunoonya Ekibuga obutuukirivu mwe butuula. N'olwekyo tuli batambuze.

132 N'olwekyo, Katonda yakka wansi mu ngeri y'Omuliro omunene, nga Enkulungo ey'Ekitangaala, ne gubuna ekisaka n'Atandika okwebikkula eri Musa, okusooka. Musa n'agamba . . .

Mumanyi bwe twayiga akawungeezi ka luli, nga Yesu bwe yali wano ku nsi, bwe Yagamba nti, "Naye, Musa bwe yali tannabaawo, nga NDI." Oyo yali Yesu mu kisaka ekyaka, mu Mpagi y'Omuliro. Ne leero, ye Yesu, y'omu.

Era Yeebikkulira mu Mpagi y'Omuliro, era byonna byaliwo nga Musa waali. Bwe yava awo n'aserengeta e Misiri. N'abuulira Enjiri, amawulire amalungi, obubonero n'ebyewuunyo ne bimugoberera. Mukifuna? Kye kimu ne leero.

133 Si ekyo kyokka, naye Abaebbulaniya abo bwe baafulumayo, baatambulira mu Kitangaala, nga bakulemberwa Empagi y'Omuliro y'emu. Era Bayibuli egambye nti, "Tokema Katonda."

134 Mwekkaanye kino. Ka nkisome.

> *Nga bwe kikyayogerwa nti, Leero bwe* mu . . . *munaawulira eddoboozi lye, temukakanyaza* mutima gwammwe, (Eddoboozi Lye nga lyogera eri omutima gwo.) *nga mu kusunguwazibwa.* (Bwe baamusunguwaza.)
>
> Muwulirize.
>
> *Kubanga, baani bwe baawulira, abaamusunguwaza:* . . .

135 Bameka abakimanyi nti Isiraeli baasunguwaza Katonda olw'obutakkiriza bwabwe? Ddala, beemulugunya, ebitagambika. Katonda yatambula mu maanyi mu makkati gaabwe. Naye bwe baamala oku. . . Waayitawo akaseera, ne bagwa mu mitawaana.

Baalina Empagi y'Omuliro eno waggulu waabwe. Simanyi oba bonna baagirabanga, oba nedda. Naye waakiri, Musa yagirabanga. Era yabali waggulu, era baagitunuulira. Naye ate bwe baatuuka. . . Kale ka tugambe tebaagirabanga, nange simanyi oba baagirabanga oba nedda. Naye Yabakulemberanga. Bayibuli egamba nti Yabeerangawo.

136 Era egamba nti, "Emmunyeenye yakulembera abasajja abagezigezi." Tewali n'omu yagiraba okuggyako abasajja abagezigezi. Yayita ku buli kifo awasinziirwa okwekenneenya eby'omu bwengula. Ate nga essaawa baazimanyanga basinziira ku mmunyeenye. Naye tewali n'omu yagiraba okuggyako abasajja abagezigezi. Kyali kyabaweebwa okugiraba, era Emmunyeenye eyo yali yasindikibwa eri basajja abo abagezigezi bokka.

137 Ne Empagi y'Omuliro yali yatumibwa eri Musa, ne Musa n'atumibwa eri abaana ba Isiraeri. Era baali balina kugoberera Musa. Bo baatunuuliranga Musa, ate Musa n'atunuulira Ekitangaala.

Bwe batyo bwe baatambula. Bwe batyo bwe baasimbula okuvaayo. Era bwe baavaayo, oluvannyuma baatuuka ku Nnyanja Emmyufu. Kati, oo, ba—baali baalaba obubonero obwo bwonna obw'ebyamagero n'ebintu ebirala nga bibaawo bwe baali bakyali mmanga eri mu—mu nsi y'e Misiri, naye bwe baafulumayo ne batandika olugendo, nga baakakyusibwa baggyiddwaayo. Ate, olwali okugira bati, ne bagwa mu mitawaana.

138 Katonda ayagala nnyo okukusuula mu mitawaana. Ayagala nnyo okukusuula mu mitwaana alabe ky'onaakola nga gikutuuseeko. Na bwe kityo Yayawulamu bwawuzi Ennyanja Emmyufu, era ekyaddirira, n'agibayisaamu, ate n'abasindikira Falawo abawondere. Mulaba engeri Katonda gy'ayagala ennyo okukikola? Ayagala nnyo okwolesa amaanyi Ge n'okwagala kwe. Ye Katonda, era Ayagala nnyo okukulaga Ekyo ky'Ali. Amiina.

Naye omutawaana oguliwo guli nti, leero, abantu bawoza kimu, "Ah, ezo ennaku z'ebyo zaayita dda." Nedda. Kati ddala Katonda ayinza atya okweyoleka, bwe muyigirizibwa ebintu eby'engeri eyo? Naye Katonda ayagala nnyo okweyoleka bulijjo.

139 Baabano abaana ba Isiraeli, batambulira mu Musana. Musa, nga abakulembeddemu. Baabo. "Mujje tugende. *Lino* lye kkubo. Katonda ayita. Tufuluma. Tugenda mu nsi ensuubize."

"O, aleruuya!" Baabo bonna, baleekaana, babuuka, balina akaseera akalungi okukamala, nga bwe mumanyi. Naye

baagenda okulengera, bwe baatunula emabega ne bagamba nti, "Ha, kiki ekisitudde enfuufu eyo?"

140 Omu ku bo n'alinnya waggulu ku kasozi, n'agamba nti, "Ha, ha! Tufudde, tufudde! Ggye lya Falaawo."

141 Katonda n'ababuuza nti, "Mutya ki? Bye Nnabakolera emmanga eri byonna temwabikkiriza? Mweraliikirira ki? Lwaki munsuguwaza?"

142 Bwe baatuuka awo ku nnyanja, Musa n'agenda ne yeegayirira eri Katonda. Katonda Ennyanja Emmyufu n'agiggulawo ne basomoka; amazzi ne gakomawo ku balabe ne gababuutikira. Bw'atyo Katonda bw'akikola. Totya. Tokyamuukirira. Tosoberwa. Awo obeera osunguwaza Katonda.

143 Kati Yazzaako ki? Balabika baagamba nti, "Bannange, twafunye ekigezo ekinene okukamala; naye Katonda yeebazibwe, twakivvuunuse. Tetugenda kuddamu kusisinkana birala. Kati twolekedde nsi nsuubize." Ate n'abakulembera n'abatwala mu ddungu, awatali mazzi. Osobola okukikkiriza? Katonda, nga Ali ne—nga Ali n'abantu Be abatukuziddwa, era abatukuvu, yabakulembera n'abasuula mu mutego *guno*; oluvannyuma n'abaggyayo mu mutego ogwo, ate n'abakulembera n'abatwala erudda awatali mazzi. Ate nga Yali asobola okubatwala mu kifo ekirala awaali amazzi. Kubanga, Yali asobola n'okukolawo omugga, ne gutambula nabo mu lugendo lwonna, ssinga yali Ayagadde. Yali asobola okuleetera buli lusozi okubugaana essanyu, ne lufuuwa amazzi ne gatumbiira ffuuti amakumi ataano mu bbanga, ssinga yali Ayagadde. Mazima, Yali akisobola. Naye ssinga Yakikola, olugendo lwandibabeeredde lwangu nnyo. O, nkyagala nnyo! Erinnya lya Mukama lyebazibwe.

144 "*Kino* lwaki Katonda yakiganyizza okubaawo, Ow'oluganda Branham? Lwaki Katonda . . . ?"

Katonda y'akikola. Ggwe muleke. Weeyongere bweyongezi mu maaso. Ebyo birekere Katonda. "Ebigere by'omutuukirivu biruŋŋamizibwa Mukama." Yee, ssebo. Kikola njawulo ki?

145 "Nfiiriddwa ssente zange zonna, Ow'oluganda Branham." N'era, weebaze bwebaza, Katonda.

146 "Bannange, nnakola *kino*, ate *kino* ne kibaawo, omuyaga ne gumenya enju yange."

147 N'era weebaze bwebaza Katonda. "Mukama y'awa, era Mukama y'aggyeewo, Erinnya lya Mukama lyebazibwe." Ggwe genda bugenzi mu maaso. Byonna biriwo lwa kitiibwa kya Katonda. Katonda amanyi ky'Akola.

Abamu bayita mu mazzi, abalala mu mataba,
Abamu bayita mu bigezo ebizibu ennyo, naye
bonna bayita mu Musaayi.

148 Bw'atyo bw'Abakulembera. Bwe kiri. O, bannange! Mpulira njagala nsooke nkome awo ndeekaanemukko. Bw'atyo bw'Akulembera abaana Be abaagalwa. Ha, muwulira. . .? Kati, ssiri musomi wa mbeera za bantu, naye temuwulira Mwoyo oyo omulungi bw'abuutikidde kizimbe kyonna? Watya ssinga amaaso gaffe gabikkuka mu kaseera kano kennyini, ne tulaba abayimiridde mu kizimbe okwetooloola ebisenge bino, n'enkuubo zino?

149 Nnamukadde Erisa, lumu ku makya, omulenzi oli bwe yali tasobola kulaba n'akatono, yagamba nti, "Bannaaye laba Abasuuli abali emmanga eri."

N'amugamba nti, "Abali naffe bangi okubasinga."

N'agamba nti, "Ssirina n'omu gwe ndaba."

N'agamba nti, "Mukama, zibula amaaso g'omulenzi oyo."

150 Omulenzi ne yeetoolooza amaaso awali nnabbi oyo omukadde, n'okwetooloola we baali wonna, nga ensozi zikutte Omuliro, zijjudde embalaasi z'Omuliro n'amagaali g'Omuliro. Olwo n'amatira.

151 N'agamba nti, "Tugenda kugenda tubazibe amaaso." Baali balaba bulungi ddala n'amaaso gaabwe, naye baali bazibiddwa amaaso obutamulaba. Yababuuza nti, "Mmwe mwenna munoonya Eriya?"

Ne baddamu nti, "Yee."

152 N'abagamba nti, "Mujje, mbalage w'ali." Kyokka nga ye yennyini, y'abakulembedde. Naye nga tebakimanyi.

153 Bwe kityo bwe kiri ne leero. Kristo ali wano. Omwoyo Omutukuvu ali wano, nga akola ebintu bye bimu bye Yakolanga bulijjo, naye ensi ezibiddwa amaaso obutamulaba. Tebamumanyi. "Ha, eky'amazima Ebyo ssi—ssirina kye mbimanyiiko. Omusumba wange. . ." Bambi, abantu abali obubi! Mulaba kye ntegeeza? Bazibiddwa amaaso obutamulaba. Tebamumanyi. Katonda y'akulembedde.

154 Kati, baatambula, ne bayita mu Ddungu lya Sini, awataali mazzi. Katonda n'agabagabirira bugabirizi. Ha, ne bagenda bagwa ku kadiba k'amazzi, ne bagamba nti, "Tugafunye." Naye nga tegakombekanako. Ha, nga teganyweka. Nkugambye, nga—nga mabi nnyo gasinga ne salufa okukaawa emirundi kikumi. Mukiraba, nga gawunya nga amagi amavundu, nga bwe mugamanyi. "Ha, bannange! Nga mabi nnyo." Bwali butwa. Kati, lyali liyitibwa Eddungu lya Sini. Lyamerangamu enkindukindu, wamu n'ebitundu by'ensulo enkindukindu ezo mwe zimera. Awo Musa kye yava ababuuza nti, "Temu. . . "

155 Katonda kye yava ababuuza nti, "Lwaki bakikola? Lwaki bakikola? Bansunguwaliza ki? Ddala, bwe Mba nnakola *biri* eri byonna, eno embeera gye Ssiyinza kugonjoola?"

156 Bw'aba Yakuggya mu mbeera emu ey'obulwadde, Tasobola kukuggya mu mbeera ya bulwadde ndala? Bw'aba Yakuggya mu mutawaana ogumu, Tasobola kukuggya mu mutawaana mulala? Katonda yeebazibwe! Bw'Aba yanzigya mu kibi, n'emagombe Asobola okunzigyayo. Ye Katonda. Njawulo ki eriwo? Genda bugenzi mu maaso, amaaso gakuumire ku Ye.

157 Yababuuza nti, "Oba Nnawumbako Ennyanja Emmyufu nga mumaze okusomoka, ne nsanyaawo Abamisiri mu mazzi, gano amazzi ge Nnaalemwa okubaako ne kye ngakolera? Munsunguwaliza ki? Mwenna, mujjudde obutakkiriza! Munsosonkereza okusunguwala, olw'obutakkiriza bwammwe."

158 Kati ekigambo ekyakozesebwa wano kiri, "Kibi," baamusosonkereza. Kye baakola . . . Ekyabaleetera okukikola, kwe kuba nti tebakkiriza. Kati, tebaagenda kuzannya zzaala, na biringa ebyo. Tebaayenda na bakaabasajja, yadde okwogera obulimba. Ebyo si bye baakola. Ye ate, okusooka kwa byonna, ebyo si kye kibi.

159 Okwenda si kye kibi. Okunywa ssigala, okugaaya taaba, okunywa omwenge, okukuba zzaala, okuvuma, okuwemula, n'ebirala, ebyo si kye kibi. Ebyo bibala bya butakkiriza. Ebyo obikola kuba toli mukkiriza. Bw'oba omukkiriza, ebyo toyinza kubikola. Y'ensonga lwaki Yesu yagamba nti, "Oyo awulira Ebigambo Byange *n'akkiriza* Oyo eyantuma, alina Obulamu obw'emirembe n'emirembe." Si oyo *agamba* nti akkiriza, wabula oyo akkiririza ddala! Kiikyo. Kati ekyo kiggyirawo ddala eby'obukakafu bwammwe obusookerwako. Mukiraba? Kati, kiikyo.

Tekigamba nti, "Oyo awulira Ebigambo Byange n'aleekaana." Si nti, "Oyo awulira Ebigambo Byange n'ayogera mu nnimi." Si nti, "Oyo awulira Ebigambo Byange ne walabika omusaayi mu ngalo ze oba mu maaso ge," oba ebirala byonna. Si by'ebyo.

"Oyo awulira Ebigambo Byange n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu Obutaggwaawo, era talijja mu Musango, wabula aba avudde mu kufa nga azze mu Bulamu."

160 Ekibi kye kiki? Bwe butakkiriza. Ne wabaawo akantu akabaawo, mu kifo ky'okugenda mu Byawandiikibwa n'ozuula oba nga katuufu oba si katuufu n'ogamba bugambi nti, "O," n'ogamba, "Nze . . . Nedda! Labayo, ggwe, genda mu maaso. Nze nja kwesigalira nga ndi Mupulesibeteriyani nga bwe mbadde, olaba." Genda mu maaso, mu buzibe bw'amaaso, naye osunguwaza Katonda.

161 Katonda bw'abaako ekintu kyonna ky'akola, Asuubira eggwanga okukyekwatako. Naye, mu kifo ky'okukyekwatako bagamba bugambi nti, "Naye, olaba, nze Ebyo sibitegeera." Mukiraba? Asuubira abantu okukikkiriza. Bw'oba nga ddala ofaayo ekimala, tuula wansi wekkaanye Ebyawandiikibwa.

Byekebejje obyekkaanye, byonna byonna, olabe oba nga Kyali kibaddewo, oba ddala Kyalagulwa nti kiribaawo, n'ebirala. Awo ojja kukitegeera. Amiina.

162 Kati mwekkaanye.

> *Nga bwe . . . nti Leero bwe* mu . . . *munaawulira eddoboozi lye, temukakanyaza mitima gyammwe, nga mu kusunguwazibwa,* bwe baasunguwaza Katonda, mukiraba.
>
> *Kubanga, baani bwe baawulira,* baawulira Enjiri Musa gye yabuulira, *abaamusunguwaza: si abo bonna abaava mu Misiri ne Musa.*

163 Bameka abamanyi bantu bameka abaalokolebwa okuva mu kibinja ky'abo abaafulumayo? Bameka? [Waliwo agamba nti, "Babiri."—Omuk.] Babiri, kituufu. Bameka abamanyi amannya gaabwe? ["Kalebu ne Yoswa."] Bwe kiri. Kalebu ne Yoswa, be bantu ababiri bokka, ku bukadde obubiri n'omusobyo.

164 Muwulirize kino. "Naye ya . . . " Olunyiriri olw'e 17 kati.

> *Era baani be yanyiigiranga* okumala *emyaka amakumi ana,* olw'obutakkiriza. *Si abo abaayonoona,* abatakkiriza . . . ?

165 Kwata enkuluze onoonye ekigambo *ekibi* kye kitegeeza. Enkuluze ya Bayibuli. Kitegeeza butakkiriza. *Obutakkiriza* kye "kibi." "Oyo atakkiriza omusango gumaze okumusinga," Enjiri ya Yokaana Omutukuvu 4, olaba, "omusango gumaze okumusinga."

> *. . . n'emirambo gyabwe ne gigwa mu ddungu?*
>
> *Era baani be yalayirira obutayingira mu kiwummulo kye, . . .*

166 Obutakkiriza bwo! Ha, nnyinza obutatuuka ku ssuula yange. Naye, mulabeeyo, ogwo gwe mutawaana eggwanga lino gwe lirina, ensangi zino. Obubonero n'ebyewuunyo bikoleddwa okuyita mu ggwanga lino wonna. Naye bakola ki? Lubeerera babeera bakikuba mabega. Era Agamba nti, "Ndayira nga ssiribaganya kuyingira mu Nsi gye baaluubirira okugendamu."

167 Buzibu ki obuli ku makanisa gano amanene leero? Obutakkiriza bwago busunguwazza Katonda. Aleruuya! Asobolera ddala mu mayinja gano okuyimusizaamu Ibulayimu abaana. Yagezaako okubawa Enjiri, naye ne bakakanyaza emitima gyabwe. Beekolamu obudiinidiini, ne bakola ebibiina by'amadiini nga bwe bagamba nti, "Era *kino* kyokka kye tukkiriza tewali kirala," Katonda n'atasobola kuyingira munda. Bali ludda wa leero? Baakwamira ku mabbali ga kkubo.

168 Akabiina ka Katonda, ak'abatono abeesigwa kko kagenda mu maaso, nga kalina obubonero n'ebyewuunyo. Abagezesa.

"Buli mwana ajja eri Katonda ateekwa okusooka okuyita mu bigezo n'okugezesebwa," n'afuna okutendekebwa nga omwana.

169 Oluba okubaawo akantu akagwaawo nga ogamba nti, "Ha, naye era, ndaba, si Bye by'amakulu ekiri awo." Ggwe oli mwana mweboolereze, toli mwana wa Katonda.

170 Kubanga omwana wa Katonda aba Zzadde lya Ibulayimu, oyo ayita ebintu ebitaliiwo, nga ebiriwo, "Katonda bw'atyo bwe yayogera," n'agenda mu maaso. Amiina. Si nsonga kiki ekyogera ki, oba ekirala kyonna ekyawukana nakyo, asigala, yeeyongera bweyongezi mu maaso. "Katonda bw'atyo bwe yayogera."

171 Yamala emyaka abiri mu etaano nga alindirira omwana oyo, ne bwe kyalabika kitya nga ekitasoboka. Ne yeeyawula ku batakkiriza bali, amiina, asobole okukkiriza. Ha, bannange! Mpulira nnyingidde mu mwoyo.

Kirowoozeeko. Oteekwa okweyawula ku bigunje ebyo eby'ensi, "Ah, ennaku z'ebyamagero zaayita. Ebyo eby'engeri eyo tebiriiyo. Obwo buzoole." Byeyawuleko.

172 Bayibuli egamba nti, "Mubaveemu, mweyawule, bw'ayogera Mukama, Nange nnaabasembeza." Nga kirungi nnyo! "Nnaabasembeza," nga mumaze okubeeyawulako. "Munaabeera baana Bange, Nange nnaabeera Katonda wammwe." Weeyawule, teweesibagana na batakkiriza. Bwe kiri.

173 Omuvubuka omulenzi agenda okuwasa, n'awasa omuwala atali mukkiriza; oba omuwala omuto n'afumbirwa omulenzi atali mukkiriza. Togezanga n'okikola. Sifaayo oba omulenzi oyo alabika bulungi atya, ne—ne, oba omuwala alabika bulungi atya, oba alina amaaso ag'embira gatya; byonna bijja kutuuka ekiseera bikyuke. Naye ow'oluganda, emmeeme yo ya kubeerawo emirembe gyonna. N'olwekyo weegendereze ky'okola. Omuwala oyo bw'aba si mukkiriza yennyini, oba omulenzi oyo bw'aba si mukkiriza yennyini, togeza okusibagana naye. Ab'engeri eyo beewale. Bajja kukuleetera obuzibu mu maaso eyo mu lugendo.

174 Kaakati muwulirize, olunyiriri olw'e 17.

> *Naye . . . baani . . . be yanyiigiranga emyaka amakumi ana? si abo abaayonoona, n'emirambo gyabwe ne gigwa mu ddungu?*
>
> . . . *be* yeerayirira *obutayingira mu kiwummulo,* . . .

175 Baatandika olugendo, naye, ebyamagero ne babiraba, naye tebaatuuka mu nsi ensuubize. Baali ba lubatu bubatu, babiri bokka, be baayingira ensi ensuubize.

176 Kati Pawulo kiki ky'akola? Kati ayogera eri Abakristaayo nga abagamba nti, "Temuganya Njiri y'emu eno, eyabuulirwa mu biro biri, mu bubonero n'ebyewuunyo, n'Empagi y'Omuliro nga ebakulembera; ebintu bino bwe biriddamu ne bibaawo, temukongoka ne mugwa ku mabbali g'ekkubo,

olw'obutakkiriza, nga mubuusabuusa, kubanga emirambo gya bali gyagwa mu ddungu."

177 Kati tunaatera okukituukako, mu bwangu ddala. Mwekkaanye n'obwegendereza.

. . . wabula obo abataalama?

Era tulaba nga tebaayinza *kuyingira olw'obutakkiriza.*

Awamu akiyita *kibi*, ate awalala n'abuyita *obutakkiriza*. *Obutakkiriza* kye "kibi." "Tebaayingira, olw'obutakkiriza bwabwe."

178 Baalaba nnabbi oyo, Musa. Baalaba bye yakola, ne balaba ne bye yayogera. Nga gaali Mazima, buli mulundi, era gaasigala, Mazima. Empagi y'Omuliro eno yabalabikiranga. Ne bagitunuulira. Ne bagiraba.

179 Pawulo, nga agezaako, oluvannyuma, okutuuka wano, ku ekyo ekyamutuukako. Mukiraba? Nga agezaako okukwanaganya ekyo ekyamutuukako, n'akigeraageranya n'ekyaliwo mu Ndagaano Enkadde. N'agamba nti, "Kati tuyingidde mu kintu ekiggya, tuyingidde mu mulembe guno omuggya, okuyita mu Yesu Kristo. Mu biro eby'edda, Mukama yabalabikanga okuyita mu bannabbi, naye kati alabika kuyita mu Mwana We, Yesu." Mukiraba? N'atandika okukwanaganya ebintu eby'enjawulo ebyabaawo n'abalaga n'ebyali bigenda mu maaso, omwali obubonero n'ebyewuunyo, n'ebirala byonna, nga abikwanaganya n'ebyo ebyawandiikibwa.

180 Kati agambye nti, "Bali tebaayinza kuyingira, olw'obutakkiriza bwabwe." Tebakkiriza.

181 "Naye kati, naffe, tuyingira mu mulembe omulala, kale tekakutanda n'okakanyaza omutima gwo. Tekakutanda n'okola nga bwe baakola, mu biro eby'okusunguwazibwa, bwe baasunguwaza Katonda." Baakikola batya? Tekiri nti baatambulira mu bwenzi. Kino leka nkinnyikize buziba kibannyikiremu.

182 Oyinza okugamba nti, "Ow'oluganda Branham, nze ŋŋenda ku kkanisa." Ekyo kirungi. "Ssirimbangako mu bulamu bwange." Ekyo kirungi. "Ssibbangako. Ssikikolanga *kino*, yadde *kiri*, wadde *kiri*." Ekyo kirungi nnyo. Ebyo byonna birungi. Naye, era ebyo si ky'ekibi.

183 Ekibi ye Katonda okweyoleka Ye mwene naye ggwe n'otamukkiriza, n'otamuwuliriza.

184 "Ha," n'ogamba nti, "nze ekkanisa yange Ebyo tebiyigiriza." Bayibuli kasita eba nga ebiyigiriza, nga ne Katonda abikakasa, ekyo ky'ekikulu.

Kati mwekkaanye wano katono. Kati tugenda kutandika ku kintu eky'obuziba ennyo, ddala. Kati, endowooza yo sooka ogyesigalize, okutuusa lw'onaafuluma wabweru.

185 Kati mwekkaanye bulungi nnyo.

Kale tutyenga, nti okusuubiza okw'okuyingira *mu kiwummulo kye, nga bwe kukyatulekeddwa . . .*

Ye omusajja, naye omukazi, nnakasigirwa ez'obuntu. Kiki?

. . . omuntu yenna ku mmwe aleme kulabika nga takutuuseeko.

186 Kati, Pawulo abadde agezaako okubategeeza, ku bintu bino byonna, mu ssuula eyaakaggwa. Naye kati agezaako okubategeeza kiki kye Kiri.

Ha, tukyalina obudde? Naye . . . Ndowooza ka tulinde akawungeezi. Obudde buyise, ate nga tugenda kuba n'okusaba. Ndowooza ka tukikwateko akawungeezi, kubanga kino ddala kijjudde vitamiini empitirivu, vitamiini ez'omwoyo. Tulina bingi eby'okukola, era nnina eby'okukola bingi olweggulo luno. "Leka tu . . . "

Kale tutyenga, nti, okusuubiza . . .

187 Kati, baalina ekisuubizo ky'ensi ensuubize, nga bakyali e Misiri? Era, Katonda, n'akka wansi, okutuukiriza ekisuubizo kino. Kubanga, Katonda yali yagamba Ibulayimu, emyaka bikumi na bikumi nga tekinnabaawo, nti yali wa kukikola. Kyali mu Byawandiikibwa.

188 Yusufu yagamba nti, "Amagumba gange temugaggyanga wano okutuusa lwe muligenda mu nsi ensuubize ne munziika eyo awamu ne bajjajjange." Kubanga, yakimanya nti waali wa kubaawo okuzuukira, Yesu bw'alizuukira okuva mu bafu, kubanga yali amanyi Yobu bye yayogera. Mukiraba?

189 Buli omu ku bannabbi abo yali amanyi nnabbi omulala kye yali yayogera, era nga akimanyi nti Omwoyo eyabaliko yali y'omu. Era baabeeranga balindiridde. O, ow'oluganda! O, ekyo kisaanye okutunyeenya kituggye mu mbeera yaffe ey'ensi. Amaaso gaabwe, tegaali ku ebyo abantu bye baali boogera, wabula ku ebyo bannabbi bye baayogera. Buli omu ku bo yabeeranga alindirira.

190 Ibulayimu yagamba nti, "Munziikanga wano wennyini Yobu we yaziikibwa." Yagamba nti, "Saala, ŋŋenda kugula ettaka. Era wano wennyini we tuliziikibwa."

191 Isaaka naye yali nnabbi, era nga kitaawe bwe yali. Yabagamba nti, "Muwulirize. Temunziikanga awalala wonna, temunziikanga wano mu Misiri, naye munzizangayo eri mu nsi ensuubize. Eyo yennyini gye munziikanga."

192 Yakobo yafiira bweru wa nsi ensuubize, naye yagamba mutabani we, eyali nnabbi, nti, "Omanyi, lumu ekiro Malayika yankwatako wano ku mbalakaso. Era mbadde mpenyera okuva ku olwo. Jangu, oteeke omukono gwo . . . " O, bannange! "Mutabani wange nnabbi, nkaddiye n'okulaba ssikyalaba. Naye

teeka omukono gwo omutukuvu, nga bw'oli nnabbi, guteeke wano wennyini Malayika we yassa Ogugwe, olayire eri Katonda w'Eggulu nti tolinziika wano."

193 Yeebazibwe. . . Mulaba okubikkulirwa kw'Ekigambo okw'omwoyo? Kati, kimu kya kubiri ku bo, kumpi ebitundu kyenda ku kikumi, kye yali ayogerako baali tebakimanyi. Naye ye yali amanyi kye yali ayogerako. "Teeka emikono gyo egy'obwa nnabbi wano wennyini Malayika we yassa omukono Gwe. Lumu, nnali musajja munene, ow'ekiwago, aggumidde, newankubadde nga nnali mutiitiizi. Naye, Yankomako, era okuva ku olwo nnafuuka musajja awenyera. Naye nnafuuka mulangira kasookedde ntandika kuwenyera. Kasookedde nkyusa ntambula yange, mbadde mulangira." Weewaawo. "Teeka wano omukono gwo. Olayire eri Katonda w'Eggulu, nti tolinziika wano." Lwaki? Tewali n'omu yali amanyi ky'ayogerako. Naye Yusufu yali akimanyi. Yabagamba nti, "Muntwalanga ne munziika mu nsi eyo ensuubize." Eyo gye baaziikibwa. Mazima ddala.

194 Yusufu bwe yafa, nga wayiseewo emyaka nga giigyo, yali yabagamba nti, "Temunziikanga wano. Naye mutunuulirenga amagumba gange buli lwe muyitawo, kubanga lumu mulifuluma ensi eno. Era bwe muliba mugenda, amagumba gange mugatwalanga."

195 Ky'ekyo. Leka ab'ensi boogere byonna bye baagala okwogera, leka bakole byonna bye baagala okukola. Erinnya lya Mukama lyebazibwe. Nkuumira mu Kristo, si nsonga oba bampita ki, oba bampita muzoole, oba omutukuvu eyeevulunga. Lumu Alijja, era abo abali mu Kristo Katonda alibaleeta wamu naye, bw'Alijja. Kyonna awamu Mazima ag'omwoyo, agabikkuddwa ge gali awo, naye nga kyetaagisa ndowooza ya mwoyo okusobola okugategeera. Wummulira ku ekyo, kikuyise mu lunaku. Kirowoozeeko. Ne bw'onaaba tofunye kyaggulo, lowooza ku ekyo.

196 Kati akawungeezi, tujja kwogera ku Kiwummulo Kye, ekyatulekebwaawo, tulabe kiki ekisuubizo kino kye kiri leero. Ekintu kino kitegeeza ki leero? Ekiwummulo ekyo Katonda bw'aba takirina wano mu Bayibuli, n'atakikakasa, nga bwe kiri wano wennyini kati, kitegeeza ndi nnabbi wa bulimba. Ekyo ddala bwe kiri. Naye mwekiri. Ekiwummulo kino kye kiki?

197 Yagamba nti:

> Kaakati, *leka. . . tutyenga, nti, okusuubiza nga bwe kukyatulekeddwa* okuyingira nga nabo bwe baakola, . . .

198 Ate Kiteekwa kuba kisuubizo kye kimu. Kirina kuba kiwummulo kye kimu. Ateekwa kuba Katonda y'omu. Bulina kuba bubonero bwe bumu. Kirina kuba kintu kye kimu. Naye leka tuwummulemu. Kati kye Kiki? Tusaba Mukama akituwe, akawungeezi.

Nga bwe tukoteka emitwe gyaffe.

199 Mukama waffe ow'omukisa, Obutaggwaawo bwokka bwe bulibikkula ebintu ebikulu bye tugabana kaakano. Batono . . .

Bangi abaawandiikirwa edda omusango. Nga bwe Wagamba mu Kitabo kya Yuda, nti, "Abantu, abaawandiikirwa edda omusango, abakyusa ekisa kya Katonda waffe ne bakifuula obukaba." Era bangi leero babuulira Enjiri, ne bakyusa ekisa kya Katonda, ne bakifuula omugano gw'okukoleramu ssente, abalina amakanisa amanene ennyo era agasinga obungi bw'abantu mu ssomo lya Ssande, naye nga bakyusa ekisa kya Katonda ne bakifuula obukaba. Naye n'olaba ensi nga bonna bazibiddwa amaaso, batambula nga embizzi ezitalaba. Tebategeera.

200 Ayi Katonda, ggulawo okutegeera kwaffe. Era leka okutegeera kwaffe kuleme kuba nga okw'abaana b'ensi eno. Kuba Wagamba mu Kigambo Kyo, nti, "Abaana b'ensi eno bagezi nnyo okusinga abaana b'Omusana." Ne ku lubereberye kyali bwe kityo, "abaana ba Kayini" baafuuka bannakinku mu bya ssaayansi. Baafuuka abakugu abayigiriza abalala. Baafuuka abakozi b'ebintu eby'enjawulo. Beeyongera okuyitimuka mu bye bakola, nga bannaddiini okukamala, naye baasalirwa omusango ne basaanawo mu kusalirwa omusango. Emirambo gyabwe ne gitengejjera ku mazzi, emmeeme zaabwe ne zigenda mu ggeyeena.

201 Era Yesu n'agenda n'ayogera gye bali, bwe Yafa. "N'agenda mu ggeyeena n'abuulira eri emmeeme ezaali mu kkomera, abateenenya mu kugumiikiriza, okw'omu biro bya Nuuwa," Ekyawandiikibwa bwe kigamba. Era Katonda, bwe Yayimirira ku nsi, Yagamba nti, "Nga bwe kyali mu biro bya Nuuwa, bwe kityo bwe kiriba ne mu kujja kw'Omwana w'omuntu."

202 Naye tukiraba nti, "olunyiriri lwa Sseezi," baali basajja abeetowaze, abasajja ba Katonda bennyini, nga tebamanyi bingi nnyo ku bintu by'ensi, nga tebatwalirizibwa bintu bya nsi, wabula nga bassa ku bbali buli buzito bwonna ne bakkiriza Katonda, ne bafuuka bannabbi era abasajja ab'amaanyi mu Bwakabaka. Nga bali, ab'ensi y'amadiini, bwe babajolonga, n'okubajerega. Naye ekiseera kyatuuka amataba n'omusango bwe byajja.

203 Bwe kityo bwe kyali ne mu kujja kwa Yesu Kristo. Nga baamujolonga era ne bamujerega, mu madiini gaabwe n'amakanisa gaabwe ag'ekitalo ge baalina. Naye bajerega Emmunyeenye y'Enkya, ne bamujolonga. Naye ne bakomekkereza nga bali mu musango. Era bwe baddukira e Yerusaalemi, baalya n'abaana baabwe bennyini be beezaalira, olw'enjala ennyingi, omusaayi gwabwe ne gukulukuta nga guyita mu wankaaki z'ekibuga ne gwolekera mu nguudo ekibuga

ne yeekaalu bwe byayokebwa, era emmeeme zaabwe ne zigenda mu ggeyeena.

204 Mukama, tuutuno nate, ku mulundi ogw'okusatu. Guno gwe mulundi ogw'obulamu. Ssatu gwe muwendo ogw'obulamu. Era tuutuno, nga twetegekedde Okukwakkulibwa.

Nga Ekkanisa egenda mu maaso; nga ensi etambulira ku ssaayansi owa waggulu ennyo; nga amakanisa leero gajjudde ababuusabuusa okukkiriza. Nga waliwo emitwalo n'emitwalo abalina amannya gaabwe mu bitabo by'ekkanisa, weewaawo, bukadde na bukadde, kyokka nga bajolonga Enjiri, nga bagamba nti, "Abo tebaasoma. Tebalina kye bamanyi."

Ob'olyawo ddala bwe kiri, Mukama, naye kye tubulwako mu by'obuyigirize, Ggwe okituwadde mu kisa ng'otuma Malayika Wo ow'Ekitangaala, nga ayolesa amaanyi Ge, nga akakasa Ebigambo eri abo abaavu era abataasoma nga ffe. Naye tukwagala olwa kino, kubanga kisa kya Katonda kye kyakikola, era tumanyi nga twazaalibwa. Era tetuliimu kalungi, konna. Tetulina kalungi katwegombesa. Naye Ggwe, okuyita mu kisa, wassa wansi omukono Gwo ogw'okusaasira era ozibudde amaaso gaffe, nga Yesu bwe yatusabira; nga Eriya bwe yasabira Gekazi, bwe yeetoolooza amaaso okulaba abaali bamwetoolodde. Naffe leero amaaso gaffe gaazibuka, era tulaba ebintu bya Katonda, era tumanyi nti tutambula tusemberera ekiseera eky'enkomerero; nga ennaku z'Abamawanga zinaatera okuggwaayo, era Ajja kwetwalira abantu olw'Erinnya Lye. Tusaba n'obuwombeefu, ayi Mukama, naffe tubeere mu abo. Tukusaba Okikkirize.

205 Tuwe omukisa. Wa omukisa ekibiina ky'abantu bano abatono ababadde bawuliriza enkya ya leero. Bava mu bibiina by'amadiini n'enzikiriza ez'enjawulo, naye baawule obasse ku mabbali olwa leero, ayi Katonda. Era leka amaaso gaabwe bagoolekeze e Kalivaaliyo, bagambe nti, "Ayi Katonda, mmumba era onkolemu ky'oyagala. Nninga e . . ." Nnabbi yagamba nti yaserengeta mu nnyumba y'omubumbi, asobole okumenyebwamenyebwa addemu abumbibwe buggya. Tubumbe otukolemu embala Katonda gy'ayagala tube nayo. Ne bwe tunaabeera ekiwempe mu Nnyumba ya Mukama. Waakiri mbeera ekisiimulirwako ebigere okusinga okutuula mu weema y'ababi. Kituwe, Mukama. Tuwe omukisa kaakano, era otukuume nga tuli beetowaze. Leka emitima gyaffe gibeere miggule, n'endowooza zaffe zibeere ntangaavu, eri ebintu bya Katonda, kubanga tukisabye mu Linnya lya Kristo.

206 Nga tukyakotese emitwe gyaffe, ssimanyi oba waliwo omuntu yenna eyandyetaaze okujjukirwa mu kusaba, olw'obulokozi bw'emmeeme yo? Osobola okuyimusa omukono gwo, nga oli mwonoonyi? Katonda akuwe omukisa, muvubuka. Waliyo omulala? Katonda akuwe omukisa, ssebo, emabega

wali. Katonda akuwe omukisa, nnyabo. Waliyo omulala yenna nga wandyagadde okujjukirwa mu kusaba mu kaseera kano kennyini, olw'emmeeme yo? Katonda akuwe omukisa, ssebo, ayimusizza omukono gwo waggulu. Naawe Katonda akuwe omukisa, wano eno. Kirungi nnyo. Waliwo omulala yenna, nga tetunnamaliriza? Mpulira nga wandibaayo omulala. Katonda akuwe omukisa, ssebo, emabega wali, awasemba.

207 Muyinza okugamba nti, kati mulabeeyo, nnina kye njagala okubasaba. Ssaagala mulowooze nti nkikola lwa kkuŋŋaaniro lino ettono. Ssaagala mulowooze nti nkikola lwa bantu bano. Era Katonda ajjudde okusaasira, temulowooza nti kiri lwa kuba Malayika wa Mukama yakkiriza Akubibwe ekifaananyi nga ali nange, era na. . .nti—nti kati olw'ekintu bwe kityo, kye kinkozesa ekyo. O Katonda wange! Ssinga ngeza ne mpulira bwentyo, awo, muganda wange, nze mba nneetaaga okubeera ku wolutaali mu kifo ky'okugamba ggwe okuba ku wolutaali. Naye kino nkyogera, nkyogera lwa Byawandiikibwa, musobole okukiraba nti gano ge Mazima. Ssinga nkyogera, bwogezi ne kikoma awo, ne ŋŋenda mu maaso nga omubuulizi omulala yenna oba omuntu omulala yenna, oba omulala yenna, ate, awo, ekyo kiba kirala. Naye mulaba ekibaawo, Katonda akomawo n'akikakasa nti ago ge Mazima. Mukiraba? Ekyo kye Kikifuula ekya nnamaddala, ye Katonda okujja n'akikakasa. Ate, si ekyo kyokka, naye Ekigambo Kye kigamba nti Alikikola. Era Wuuno wano akikola.

208 Kati bw'oba toteredde, nga omutima gwo teguteredde ne Katonda, nkusaba oyimuse omukono gwo? Gamba nti, "Nsabira." Awo wennyini, w'oli. Waliwo emikono nga munaana oba kkumi egiyimusiddwa, nga beetaga kusaasirwa ku lw'emmeeme zaabwe. Kaakano nga mukotese emitwe gyammwe, kati saba. Jjukira nti, ggwe olina okwenenya. Nze nkusabira busabizi, Katonda akukwatirwe ekisa. Naye eyo ye wolutaali, Katonda alina embeera mw'akutadde mu birowoozo byo; eyo ye wolutaali. Tukkiririza mu kujja ku wolutaali, mazima ddala tukikkiriza, naye ekyo te—ekyo teki. . .Tekiriimu kabi konna. Naye wolutaali yo yennyini weewo Katonda w'akusisinkanidde. Era Akusisinkanye awo wennyini w'otudde. Eyo ye wolutaali yo.

209 Kati gamba nti, "Ayi Katonda, nsaasira, nze omwonoonyi. Era okuva leero okweyongerayo, bw'Ononnyamba, nja kubeerawo ku Lulwo. Nja—nja kukuweereza. Ssifaayo kiki omuntu yenna ky'anaagamba, nfuluma, enkya ya leero. Nsaba mu kaseera kano kennyini, Nzigyaamu omwoyo guno ogw'okwepanka. Nzigyaamu obusungu buno obw'ettumbiizi. Mmanyi ssisobola kweyisa mu ngeri eyo ate ne mba nga nteredde ne Katonda. Nnina n'obukyayi mu mutima gwange. Nnina obuggya. Nnina enge. Nnina *kino*, na *kiri*. Binziggyeemu, ayi Katonda. Ssaagala kubeera bwentyo. Nfuula omuntu omulungi,

omuwombeefu, era omuteefu. Nfuula mukkakkamu. Nfuula omuntu bw'atyo nsobole okuleeta abalala gy'Oli. Leka mbeeko ne kye nkukolera okukulaga okusiima kwange olw'obulamu bwange." Eyo y'essaala gy'oba osaba kaakano nga bwe tusaba ffenna.

210 Kitaffe ow'omu Gggulu, babo. Bye bibala by'Obubaka enkya ya leero. Bayimusizza emikono gyabwe. Waliwo ekibaleetedde okugiyimusa. Ba—bawakanyizza etteeka ly'amaanyi g'ekimiimansi bwe bayimusizza emikono gyabwe. Mu bo mubaddemu omwoyo ogukoze okusalawo okwo. Bayimusizza emikono gyabwe, nga booleka nti bakkirizza Omutonzi Oyo eyabatonda.

211 Kaakano, ayi Kitaffe ow'omu Ggulu, nkusaba Obawe omukisa, era obawe Obulamu Obutaggwaawo, mu kaseera kano kennyini. Tewali kye nnyinza kukola; okubayitayo bajje ku wolutaali, okubassa mu kasenge ak'enjawulo, yadde okukola omulimu ogwo gwonna. Ye—ye Ggwe asobola okukikola, Mukama. Ffe tetulina kye tuyinza kukola kisukka ku kubuulira Kigambo. Wagamba nti, "Okukkiriza kujja kuyita mu kuwulira, era okuwulira Ekigambo, Ekigambo kya Katonda." Kaakano, tubuulidde Ekigambo, era bayimusizza emikono gyabwe, nti bakikkirizza. Kaakano bawe Obulamu obw'emirembe n'emirembe, kubanga Wasuubiza okububawa. Bwe baba babadde beesimbu nga bayimusa emikono gyabwe, bagenda kufuluma ekizimbe kino enkya ya leero, nga Bakristaayo abalungi, abateefu, era abeetowaze, kubanga Wakisuubiza. Era Ebigambo Byo tebiyinza kulemwa. Nkisabye mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

> Kaakano ntunula, nnindirira era nnumwa omwoyo,
> Ku lw'Ekibuga ekyo ekyakaayakana Yokaana kye yalaba nga kikka.
>
> Mu Kibuga ekyo ekimasa . . .

Sinza kaakano.

> . . . Ekibuga ekitukula nga luulu enjeru,
> Nninayo amaka, ennanga awamu n'engule;
> Kaakano ntunula, nnindirira era nnumwa omwoyo,
> Ku lw'Ekibuga ekyo ekyakaayakana Yokaana kye yalaba nga kikka.

212 Temumwagala? Kati, obubaka buwedde. Kati kuno kusinza. Tetujja mu kkanisa kuwulira bubaka kyokka. Tujja kusinza. Weerabire oyo akuliraanye. Sinza businza Mukama. O, nga kirungi nnyo! Nga kirungi nnyo! Mugambe mu . . . Tewetaaga kumugamba na ddoboozi lya waggulu. Mugambe bugambi mu mutima gwo nti, "Nkwagala, Mukama. Nsonyiwa ebibi byange." O, bannange!

. . . Ekibuga ekitukula nga luulu enjeru,
Nninayo amaka, ennanga awamu n'engule;
Kaakano ntunula, nnindirira era nnumwa omwoyo,
Ku lw'Ekibuga ekyo ekyeru Yokaana kye yalaba nga kikka.

213 Kitaffe Katonda, tusembeze. Tulindiridde, nga bwe tuwuliriza Ekigambo, nga tuyaayaana. "Emitima gyaffe girumwa ennyonta ku Lulwo, nga empeewo bw'ewejjawejja nga enoonya akagga. N'emmeeme zaffe zirumwa ennyonta ku Lulwo, Ai Katonda." Nga tuyaayaana era nga tulindirira, nga tulindirira akaseera ako Yesu lw'alijja, nga tulindirira akaseera ako lwe tulisitulibwa waggulu mu bbanga. Nga tetusitulibwa kugenda kuyimirira mu maaso ga Mulamuzi kusalirwa musango; omusango gwaggwa okusalwa. Twafa eri ebintu by'ensi, ne tuyingira mu Kristo, era Yatwala omusango gwaffe. Ye Muwolereza waffe kaakano, nga atudde ku ntebe y'okulamula n'obwenkanya. Nga Omuwolereza waffe omwagalwa, ne kiba nti, Atuwolereza okusinziira ku kwatula kwaffe, okutuusa lwe tukitegeera nti tetusaanidde. Nga mwannyinaffe omukadde enkya ya leero, bwe yagambye mu bujulizi bwe, n'awaayo n'obusente bwe n'agamba nti, "Okuva lwe nnajja wano nnayiga nti ekikulu si bwe butukuvu bwange, wabula butukuvu bwa Katonda."

214 Mazima ddala, Mukama, abantu tubayigiriza nti, omuntu taliimu kalungi, konna. "Omuntu kye kiki Ggwe okumulowoozaako?" Naye kisa kya Katonda kye kyatulabikira. Era obwesige bwaffe buli mu bulungi Bwe mwokka, so si mu bwaffe. Era tukusinza, Ggwe Katonda Asinga Obutukuvu, olw'obulungi Bwo, olw'okutufuula ekitundu ku Bwakabaka Bwo obw'ekitalo, mu nteekateeka Zo enkulu ennyo. Tukusembeza mu mitima gyaffe, olw'okukkiriza. Era olw'ekisa, tukkiriza nti Obituwadde olw'ekitiibwa kya Katonda, olw'okuweereza Katonda.

215 Kaakano, ayi Mukama, wonya abalwadde nga bwe bajja okusabirwa, enkya ya leero. Bawe essanyu eryo, lye bayaayaanira okuwonyezebwa. Leka bakitegeere nti, okunyigirizibwa kuno okutono kwe bayitamu, kaseera katono ak'okugezesebwa. Katonda byonna abimanyi. Yakikola asobole okulaba kye tunaakola nga kibaddewo. Engeri Katonda . . . Leka besowoleyo babanje omulimu ogwo ogwaggwa edda okukolebwa! Leka Oleme . . . Leka baleme kukusunguwaza, nga badduka *eno n'eri*, bwe *bayingira* bwe *bafuluma* nga bagamba nti, "Nze, *kino* ssikitegeera, na *kiri*."

216 Mukama, leka bayimirire n'obuvumu, bagambe nti, "Ayi Mukama, Ggwe wandokola. Ggwe wankolera ebintu bino byonna. Nkukkiriza, era nkwesize, leero." Era kino nkusaba Okiwe abantu, mu Linnya lya Kristo. Amiina.

57-0901M Abaebbulaniya, Essuula Ey'Okusatu
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org